ATANNAFA



BESWERI K. L. MULONDO

ATANAFA

Kyawandiikibwa
Ssabalangira Besueri Kiwanuka Lusse Mulondo

First Published 1982
Reprinted 1993
@ Besueri K. L. Mulondo

Olw'Okujjukira omwana wange
Omwagalwa **Michael Kiguba Kaima**
Abasirikale B'Amin Gwe battira mu maka
gange mu lutalo oluyitibwa
olw'okwenunula nga 20 March, 1979

Printed by:
Wood Printers & Stationers Ltd.
Plot 6 William Street P. O. Box 30853 Kampala



Omugenzi Michael Kiguba Kaima ne bato be

Omugenzi Flavian Ssenyonjo Kyambadde

MICHAEL KAYIMA
Ne mwanyina
RUTH NASSUNA LUKYAMUZI

EBIRIMU

Page

Ennyanjula..... ix
Ebisookerwako..... x
Ebifa ku Muwandiisi..... xi
Abayekera..... 1
Kyankowe Azindwa..... 3
Ntandiika okubungeeta..... 7
Akasaasaano..... 11
Olugendo lw'Okukibuga..... 13
Tuwalampa loole..... 20
Tubuna Emiwabo Nate..... 21
Omugiggo gwa Muwanga..... 25
Tugasimbagana ne Muwanga..... 28
Mugwisa ayoleka obulabe bwe..... 31
Enju yange Ebeengeya..... 45
Omwana wange bamuyoolera mu 'Panda-Gaali'..... 47
Nziruka mu Uganda..... 50
Okwegayirira Katonda olwa Buganda..... 56
Appendix 'A' Akawaayiro..... 58
Appendix 'B' 60
Appendix 'C' 62

ENNYANJULA

Omwami n'Omukyala B.K.L. Mulondo, wamu n'aboluganda ku ŋjuyi zombi,nze ne basomi bannange tubasaaside nnyo olw'ebizibu ebibadde bibatuusibwako wakati w'emyaka 1978/1986: okuttibwa kwa mutabani waffe omwana Michael Kiguba Kayima ate okwo nga kw'otadde ne Flavian Ssennyoŋjo Kyambadde eyali looya w'omu Kampala. Kitalo!

"Atannafa" olwo lugero lwaffe mu lulimi Oluganda
Kale nno tusaanye okuziyiga tusobole okuwoomerwa olulimi Oluganda mu ŋjogera ne mu mpandiika. Ekitabo kino " Atannafa" kya byafaayo nnyo. Okusooka kye kitabo ekimu ku bitabo ebyakafulumizibwa mu lulimi oluganda nga kinnyonnyola okwefuga kwa Uganda. Kikulaga baki abatufuze mu bbanga wakati wa 1962/1986, Omuganda byakungudde mu bbanga eryo, ate mpozzi ne Uganda omugabo gw'efunye mu nsi z'Africa ezeefuga.

By'onooyiga: Omwami Mulondo atulabula nti bw'oba tonnafa toterebukanga era nti bulijjo ba mwetegefu okuyiga embeera z'abo gy'oba owaŋŋangukidde. Tusaanye bulijjo okuba "Omunaku kaama . . . ". Okubeera kwe mu Kenya kya kuyiga kinene eri naddala abato, kyokka n'abakulu anti okuddukira e Kenya teyali muvubuka.

Obukrisitu: Omuwandiisi addiŋŋanye amaanyi n'obukulu bwa Katonda. Bwe zaavuganga oba mu kufiirwa yeekubagizanga na ssaala. Buli lw'owuliranga ebizibu mpozzi ng'ebimu ebyatuukirira omuwadiisi gumira eri Mukama. Ku nkomerero y'ekitabo kino waliyo essaala omuwandiisi gye yagunjawo mw'asabira Obuganda ne Uganda okufukamira okudaagira Omutonzi mu bigambo bino "Okwegayirira Katonda olwa Buganda". Ayi Katonda ayinza byonna tukwegayiriira n'obuwobeefu okkirize okusaba kwaffe. Katonda waffe tusabira n'obuwombeefu eggwanga lyaffe Buganda n'abantu bo bonna be watonderamu. Tunuulira, ayi mukama, olabe ensi yaffe ezise, ebibuga byaffe byokeddwa omuliro, ensi yaffe abatemu bagirrira mu maaso gaffe era ezise kubanga abatemu bagisudde . . . laba olupapula

Okusonyiwa: nga nkomekkereza, nsaba ggwe asoma ekitabo kino ojjukire ebigambo ebitukuvu nti "*Tusonyiwe ebibi byaffe nga naffe bwe tusonyiwa abatukola obubi*".

C. KIMBUGWE SSALONGO.

EBISOOKERWAKO

Ekigendereddwa mu kuwandiika akataba kano kwe kugezaako okulaga abantu baffe era n'abalala bonna mu Buganda ne Uganda yonna engeri embi gye tukulemberwamu mu mirembe gino egyandibadde egy'obugunjufu naye ate ne tuba nga tuddiddeyo ddala mu mirembe gy'ekizikiza, ob'olyawo n'okuyisaawo ne tuyisaawo. Abantu bangi babonyebonye nnyo n'okusinga omusomi by'onosanga mu katabo kano naye nga tewali kikolebwa. Buli ali waali alowooza nti y'atusibwako ekibambulira ekyo naye kkozi nga ensi yonna eri mu katyabaga. Waliwo abakulembeze abamu abalekeredde okukola emirimu egyabakwasibwa koobuvun anyizibwa, ne badda mu kuwalana abantu ate be bakulembera n'okuwolera amawanga ate nga eky'ennaku ennyo abantu bano beeyambisa abakuumi b'eddembe aba gavumenti. Kala eggwanga lyonna likyaye abakuumi b'eddembe, olwo banakuma ani? Era mpozzi n'ekigambo ekirala ekireeta obuyinike era ekituusizza obuzibu buno okweyongera obuzibu mu nsi yaffe kwe kulaba nga bangi ku bakulembeze b'ensi yaffe baviiridde ddala ku Katonda abamu tebakyamanyi na Masinzizo gye gatunula, abalala balagila abakuumi be ddembe okubambula amayu g'abantu mu kitundu ekimu, omwo ne batwaliramu n'amasomeroera n'amasinzizo ga Katonda; ate nga era bino byonna bwe bikolebwa tewaba kuvumirira kwonna wadde okunenya abo ababa bakoze ebikolwa ng'ebyo. Waliwo ku Pasika nga 11.4.82 abajaasi abamu lwe baagenda ku Sinzizo erimu ne balyetoloola lyonna era nga abazze okusinza bali mu kutya okw'ekitalo, ne bagambibwa bonna okuwaayo mangu ensimbi ze baali baleese ng'ebirabo eri Omutonzi. Ekikolwa ng'ekyo kyamanyibwa abakulembeze era n'ebirala bingi ebyennyamiza, naye tewali affaayo! Bino ebiwandiikiddwa mu katabo kano bye bimu ku ebyo ebituuse ku bantu b'eggwanga lyaffe okwetoloola mpozzi Buganda yonna, n'ebimu ku bitundu bya Uganda.

Bwe nasooka okujjirwa ekirowoozo ky'okuwandiika akatabo kano, nnalowooza nti, mulimu mwangu, naye olwakwata ekkalaamu nnakisanga nga tekiyinzika kuwandiika nga sifunye buyambi bwa balala. Awo nno, nebaza nnyo abannyamba mu mulimu guno n'okusingira ddala Omwami Cosmas Kimbugwe-Ssalongo, eyakkiriza okusoma ebigambo byange, n'okuwandiika ebigambo ebyanjula akatabo kano ate era n'okufuba kwonna kwe yafuba okulaba nga kakubibwa. Era nebaza n'Omukyala Ruth Mirembe Nanteza Sessanga eyakuba ebigambo bino mu teepu emirundi emingi ddala awatali kweganya. Era neebaza nnyo Omwani Anthony J. Ratter, Director wa Action Aid - Kenya, eyansobozesa okuwandiika n'okukubisa akatabo kano.

B.K.L. MULONDO

EBIFA KU MUWANDIISI

Ggwe munnange asoma akatobo kano, njagala osooke otegeere omuntu akawandiise bw'afaanana.

Nze Besueri Kiwanuka Lusse Mulondo, nnazaalibwa nga 12 March 1926; Maama wange Eseza Nnamagembe eyeddira Embogo, ne Taata wange Omulangira Sulemani Kasendwa Gyagenda, abaabeeranga ku mutala Kyankowe, mu Ggombolola ya Mumyuka e Ssingo. Abo bombi Mukama y'abayita - Namagembe yafa mu 1956, ate Gyagenda n'afa mu 1967. Omuntu ng'anaalaba ebigambo ebizibu atandikirawo, anti Gyagenda bwe yafa nze ssaamuziikako; nnali bweru wa Uganda ku musomo mu Australia. Ate era Mukyala wange Omwagalwa gwe nasooka okuwasa yanfaako nga twakamala ffembi omwaka gumu, era n'andekera akaana ka myeezi ebiri gyokka! Omwana waffe oyo ye Ruth Kawala Nnassuna, kati mukyala mufumbo, bba ye Joel Kakooza Lukyamuzi.

Nasomera e Kyankowe Primary School, e Mityana Junior Secondary School ne Aggrey Memorial School. Oluvannyuma nagenda mu Survey Training School e Katabi, Entebbe, era nga 1 March, 1947, nnatadika okukolera Gavumenti mu kitongole Ekigera Ettaka (Lands and Surveys Department). Emirimu gya Gavumenti nagikolera ddala bulungi era nakuzibwa mu madaala agatali gamu okutuusa lwe nnawummula nga 1 April,1974; olwo nenzira e Kyankowe gye nnali mmaze okuzimba enju eyankosa ennyo okuzimba nga naawe bw'oyinza okwefaanaanyiriza obusente bw'Omukozi wa Gavumenti ow'ebiseera ebyo. Natandika okulima ku mitala e Kabalungi n'e Kyankowe gye nnali nfunye ettaka, nga nkozesa obusente Gavumenti bwe yali empadde ng'akasiimo (Gratuity).

Bwe nadda eka, natandika okwenyigira mu mirimu gy'Obwannakyewa nga nfuba okuyamba batuuze bannange. Nalondebwa okuba Ssentebe wa School Management Committee e Kyankowe. Nayongera amaanyi mu ssomero ly'e Kyankowe, nafuba okulifuula ery'ekisulo (boarding), n'okuzimba amayumba g'abasomesa, n'ebisulo,n'amasomero (classes). Nalondebwa okuba Ssentebe w'e Kyengeza School Management Comittee.

Essomero ly'e Makonzi Boarding Primary School bwe lyatondebwawo Omwani John Masembe. era nze gwe baalonda okuba Ssentebe w'Olukiiko Olufuga essomero eryo. Nalondebwa okuba Governor ku Boards z'amasomero gano; Mityana Secondary School,

Busuubizi Teacher Trainning College, Nkumba College of Commerce, ne Bukomero Secondary School. Nnali omu ku Bakristaayo abaakola ku kuteekateeka Obulabirizi bw'e Mityana era nga ntuula ku nkiiko kumpi zonna ez'Obulabirizi, nga nkulira eby'ettaka mu Busumba bw'e Ssaala era nga nze Muwanika w'Omusumba n'Amakanisa gonna agali mu Busumba bw'e Ssaala, era mu kufuba okwo nnali nsobodde okuteekawo akalwaliro okuyamba essomero ly'e Kyankowe n'abantu b'ekitundu. Nnali Muwanika wa Kyankowe Growers Co-operative Society, era nga ndi Committee Member wa Wamala Growers Co-operative Union. Emirimu egyo gyonna nga ngikola nga gya nakyewa, olw'obulungi bw'abantu b'ekitundu kyaffe. Ate era olw'okuba nga Gavumenti nagiweereza bulungi, nalondebwa ne nkulirako eby'Ettaka mu District y'e Mubende era oluvannyuma nnalondebwa okuba Ssentebe w'Olukiiko lw'Ettaka mu Uganda yonna (Uganda Land Commission). Mu lutalo olwamanyibwa nga 'Olw'Okwenunula', omwana wange omukulu Micheal Kiguba Kaima, yattibwa abasirikale ba Amin, Bwe baali nga badduka. Baamuttira mu maka gange awo e Kyankowe era ne batta n'abaana ba Muganda wange abalala babiri! Emirambo gyonsatule ne gibeera awo mu maka gange - *kyali kikangabwa kinene nnyo!*

(Appendix'B' olup.

"ABAYEEKERA"

"Obuyeekera" kyali ekigambo ekikyase mu Uganda okuva mu mwaka Omwami Apolo Milton Obote lwe yaddamu okukulembera Uganda. Buli muntu eyalowoozebwanga, nga tawagira bukulembeze bwa Obote ng'oyo 'Muyeekera'. Kwo okuba ndowooza nga waaliwo abantu abaali balwanyisiza ddala obukulembeze bwa Obote. Kale nno, olwali olwo, ng'ennaku z'omwezi ziri 22 February, 1982, mu ssaawa ez'akawungeezi olugambo lwatandiikiriza okubuna mu bitundu by'e Mityana nga ne Kyankowe omutwaliddemu nti, "Abayeekera" balabiddwako mu bitundu by'e Kwaata, Bujuuko ne Nswanjere, (ebitundu ebyo byonna biri lu luguudo oluva e Kampala okulaga e Mityana), era nti balina emmotoka z'abantu ze batutte. Nze nno, olugambo olwo bwe nnaluwulira ssaasooka kulukkiriza.

Ku makya gwo olwokubiri nga 23 February,1982, nagendako e Mityana. Nnali ŋŋenze mu banka nfunireyo ab'Ekibiina kya Kyankowe Growers Society, ensimbi z'okugula emmwanyi. Naye mba ndi e Mityana ng'olugambo lweyongera nti "E Bujuuko, Kwaata, Nswanjere, 'Omuyeekera' ali wali talojjeka!". Tuba tuli awo nga tukyayasaamiridde gye twakuba amaaso nga ku Mukulu w'Essomero ly'e Mityana Secondary nga yenna takyafaananika. Twatya nnyo okumulaba bw'atyo! Teyayogera naffe bigambo bingi okujjako okugamba nti, "Emmotoka abantu abaabadde n'ebyokulwanyisa baagitujjeeko eggulo, era twasuze ku nsiko". Ebyo bye bigambo byokka bye yayogera era n'agenda ku polisi okuwaayo lipoota. Mu kiseera ekyo ebigambo byeyongera okusaasaana mu Mityana ng'abamu nti, "Emmotoka nnyingi 'Abayeekera' ze banyanze, abalala nti. "Waliwo n'Omukyala omu, gwe twali tumanyi obulungi, nti bamunyazeeko akammotoka ke; kko abandi nti, "Ne kkombi ya Minista Mugwisa baginyaze, nti era omwani omu eyagibaddemu, ayitibwa Kizito, oyo baagenze naye, nti naye abantu abalala babalese ne bagenda". Leero ng'ono ayogera kino, omulala ayogera kiri. Nalaba biri bwe bityo, ne nvuga mpolampola ne nzira eka. Bannange abeeka nababuulirako bye mpulidde era ne tutandika okweraliikiriramu kyokka nga tetutidde nnyo kubanga twalowooza nti "Nswanjere, Kwaata, ne Bujuuko byali bituli wala!.

Emmotoka zatandika okuba entono ennyo ku luguudo lwaffe. Enkeera nga 24 February,1982, twafuna era amawulire nti, "Ambulensi y'e Mityana ku ddwaliro,'Abayeekera' baali bagitutte, era bagitwalira Kwaata". Ggwe wamma ebigambo by'Abayeekera'

olwo byali bitandise okukwata wansi ne waggulu---'' Nwsanjere toyita, e Bujuuko toyita, nga bye bigambo byokka by'owulira. Tweyongera okutya, naye era nga tetufuddeeyo nnyo nga tumanyi nti, akabi tekali awo waffe. Era ku olwo tweyongera okufuna amawulire nti ''Abayeekera'' baalumbye ab'amagye mu Lubiri e Mmengo emmundu ne ziseka!''.

Ku Lw'okuna nga 25 February,1982, nze nakeera nenjenda ku mirimu gyange ku ssamba navaayo nga mu malya g'ebyemisana.

Olw'eggulo ku ssaawa nga kkumi omuntu omu n'atugamba nti, ''Ku lusozi e Mawagga, ku Radio Sitenseni, bataddeyo abasirikale b'amagye''. Tetwatya nnyo kubanga twali tukimanyidde nga buli lwe wabaawo embeera enzibuzibu ab'amagye batera okujja ne bakuuma Radio Sitenseni eyo. Ku ssaawa nga kkumi n'emu nafuna essimu okuva ku dduuka yange e Mityana ng'abaana abakolayo bagamba nti, balemeddwa okuvaayo, tewali mmotoka ebaleeta, nti era e Mityana waali waliyo ab'amagye bangi. Nakwata mmotoka ne nvuga mpola-mpola nga njolekedde e Mityana nnone ku bantu bange. E Ttanda nnasangawo emmotoka ya Assistant District Commissioner, Mwani George Sserwanga, ng'eva okwongera okutwala ab'amagye e Mawagga ku Radio Sitenseni. Nneyogerayo mpolampola. E Ndibulungi nasagawo ab'amagye nga bali mu Land Rover, nga bayimiridde; nnange nnayimirira. Bambuza gye nnali nva ne mbagamba nti, ''Nva kumpi wano mailo mukaaga''. Baalabika ng'abantu abaali mu kutya era ne bongera okumbuuza obanga ssiva Kampala. Ne mbannyonnyola nti, ''Nva kyankowe, mailo mukaaga zokka okuva awo we twaali''. Bayongera okumbuza gye nnali ndaga ne mbannyonnyola nti, ''njenda kunona baana bange Mityana''. Bandeka ne njenda, naye bwe natuuka e Wabigalo ow'Omwami Yusufu Ssekitoleko, ne nsanga nga waliwo roodi buloka, era ne Mwami Sserwanga, ADC eyali anvaako emabega awo we yansanga. Nategezebwa nti, ''Ssikirizibwa kweyogerayo mu maaso, nti era ssinga neyongerayo ssijja kukkirizibwa kudda mabega''. Nafuna omukisa kubanga be nnali nnona, baali batambuddeko era awo we nnali, nnalli mbalengera nga bajja; kye nnva mbalinda awo, ne tukyusa ne tudda eka.

Waliwo owami Musa Mulengera,ow'e Ttanda, eyantuukirira akawunngeezi ako nanjamba nti, ''Yali awulidde abantu abanneewerera nti, enkeera nja kukigwako. Nti abantu abo yabawulira eyo gye yali ava okuziika''. Okulabula okwo ssaakutwala ng'ekikulu.

Akawungeezi ako, nnalinawo akabaga katonotono mu maka gange ke nnategekera abasomesa b'e Kyankowe. Kaali kabaga ka kusisinkanirako, era obubaga obw'engeri eno twateranga okuba nabwo e Kyankowe buli ntandikwa ya mwaka. Bwe twali twakatandika okunywa ka chai kaffe , Land Rover bbiri zatuyitako awo nga zoolekedde Kampala, nga zijjudde ab'amagye. Olwokubanga mu luguudo mwali temukyayita mmotoka, ate nga batugamba nti,"Abayeekera " kati bali Jjeza", twatya, era ne tugamba nti, "Abasajja abo bayinza okukubibwa!". Twali tukyatokoomeredde tutyo, Land Rover emu nekomawo naye twalinda eyokubiri nga buteereere; netumanya nga bagikubye, era nga bwe gwali--- anti abamu ku basirikale abaagiriko twabalaba enkeera nga bajja basottoka era nga bannaabwe bangi baalusuulamu akaba. Akabaga kaffe bwe katyo nako ne kadobonkanamu olw'okutya. Ekiro ekyo twasula tusagaasagana,era ddala tewaali kukomba ku mpeke ya tulo. Kyokka kyo ekiro kyali kisiriikirivu; tewaali kintu kyonna kitiisa okuggyako emitima okutwewanika

KYANKOWE ANZINDIDWA

Nga 26 February, 1982, obudde bwakya bulungi. Olunaku olwo, nze ne baganda bange abamu twali tutegese okugenda e Magoggo mu Busiro, okwabya olumbe lwa Mukadde waffe eyali atemuddwa ababbi. Kyokka we bwakkeera nga nze nsazeewo eby'okwabya olumbe tubiveeko, kubanga amawulire agaali gatutuukako nga galaga nti ekkubo teryali ddungi,ate n'enkya abasirikale be nnali ndabyeko eggulo limu, nakyo kyali kintiisa okuva awaka. Mwanyinaze Aida Namayanja, mukyala w'Omwami Sepiriya Mukasa, e Mawundwe ye eby'okuyimiriza okugenda okwabya olumbe teyabimanya, yakeera kujja tugende naye nga mmaze okumuyitiramu nga bwe biri yakyuusa nadda ewuwe. Nnali mmaze okwambala empale erima n'essaati, nekikooti-kubanga waaliyo oluwewowewo; Omukyala wange yali atuwadde ekikopo kya chai mu ddiiro, naye nga ssinnaba kukinywa, Reverand Ssemambo, Omusumba ow'e Ssala natuuka ng'ava ku ssomero e Kyankowe. Omukyala yaleetayo ekikopo kya chaai ekirala ekya Rev. Ssemambo. Naye tuba tufuka bwe tuti chaai omu ku baana bange n'ajja we twali n'aŋŋamba nti, "Ndawula, omu ku baana ba Mukulu wange, W. Kaddu-Kazibwe-Kaweesa, abasirikale baali bamukutte era nga bamukuba nnyo, nga kuliko ne ba Mbega era n'abavubuka be yayita aba UPC Youth Wingers". Nnaleka Reverand awo, ne ŋŋenda ku luguudo eyali abasirikale. Nnasanga bakutte Ndawula era n'omuvubuka omulala nga babakuba nnyo n'okusingira

ddala oli omuvubuka omulala ng'avaamu omusaayi mungi ng'akubiddwa nnyo; bonna baalina emmundu. Nnababuuza ekyali kikubisa abaana abo, ne bantegeeza nti, Tebalina ttikiti za musolo era nga tebalina bitambulizo (identities)

Nnabannyonnyola nti, "Omulenzi oyo Ndawula, Mutabani wange era omusolo yali amaze okuguwa". Bandagira okugenda okuleeta ttikiti ze. Nnatuma abaana ne bazireeta, bwe nazibalaga baamuta naye ne bantegeeza nti, Baali baagala shilling za Uganda omutwalo gumu era eyalabika nga omukulu wabwe kwe kutuma omulenzi omu, gwe nateegera oluvannyuma nga wa UPC Youth Wingers. Nze nno, nnali mbiyita bya mannyo wenu, omuvubuka kye nnava muwa shilling bitaano, mba nkyali awo, nga azizza nti, ezo mukamaawe tazetaaga. Nange ssaali mubi nga mugattirako silingi endala lukumi be ddu, naye nga ne kye nziweerayo ssikimanyi. Ezo zo baazikkiriza ne bazitwala. Omuvubuka oli gwe baali bakuba ennyo yanneegayirira muweeyo ku ssente nti, ob'ol yaawo bw'anaabawa ssente banaamuleka. Nnamuwa silingi lukumi ne mbaleka ne nzira eka. Mba nakatuuka awaka, kwe kulengera nga oluguudo lwonna lujjudde abasirikale b'amagye nga baliŋŋanga buloolo, bonna nga babagalidde eby'okulyanyisa. Nakitegeera luvannyuma nga bali abaasooka okujja baali baketta okulabira ddala ng'awaka wendi! Natemya mangu ku bantu bange bagira amaka bagaamuka ssi kulwa ng'abasirikale abo bakyama. Nze nagira nsigalawo nga njagala nekkaanye oba baali bayitawo buyisi oba baali baakukyaama. Nnazaawo entimbe bulungi ne nnyima mu nju nga nnengera. Naye ekyanzigya enviiri ku mutwe kwe kulaba ng'abasajja bonna bakyama awaka. Nnadduka mmangu ne mpita emmanju ne nzika mu lusuku. Nnagira mbeerako awo kumpi we nnengerera awaka ndabire ddala ekyali kigenda okukolebwa. Nagenda okulaba ng'enjuyi zonna bazetooloola nga batandika kusamba nzigi, kko nze, nti, "Wano wafiira muloge". Nakkirira mpola ne nsanga Mwanyinaze Omukadde Nnamwandu Ana Nnanjoba, nga yekukumye awo ku kikande. Nnalowooza nti, abasajja bajja kubbabbamu ebintu mu nnyumba bagende. Kye nava mugamba nti, "Ggwe nno, beera wano tovawo, we tunaakusanga edda". Nnali ssimanyi nti, Ssijja kuddayo kumulaba okumala ebbanga ddene!".

Nagenda nkiiba mpolampola, nentuka ku ssomero gye nnasanga Omukulu w'Essomero, Omwami John Mabinda, ne mugamba nti, "Owange ggwe olaba otya? Nzireyo eka? Oba olyaawo ng'abasajja abo balina bye baagala okwaaza nga bwe banaamala okwaaza banaagenda". Mabinda y'annamba nti, "Togeza nodda eka, abasajja

abo baakabi, bayinza okukutta, ssomoka emitala nze ka nsigale wano n'abaana b'essomero'' amagezi g'Omwami Mabinda ago bwe bulamu bwange,era Katonda yeebala kuŋŋonza mutima gwange ne mbiwuliriza.

Munnange asoma bino, nkutegeeza nti,ebigambo ebyaddirira wano bya nnaku nnyo, era mbiwandiika nga nkaaba amaziga, ssimanyi nga naafuna amaanyi okubiwandiika byonna ne mbimalayo. Nnava ku ssomero ne ŋŋenda nga nsalinkiriza mpola ng'ebiyengeyenge bitandise okuŋŋa mu maaso gange ng'entegetege zinfamba, ne nzika ku mwala ne nsomokera awali yingini y'amazzi ne ntuuka emitala. Nagenda aka, edda ewabanga ewa Kitange, nnayita buyisi mu luggya, be nasangawo ne mbategeeza nti, ''Ewaffe batuzinze''. Era nateganira bwereere okubateegeza, anti baali baategedde dda. Nnayambuka mu ddundiro ne ŋŋenda awali enju y'omusajja wange Augstino eyali alabirira ente zange. Nnafuna akatebe ne ntuula awo ku lubalaza ne nnengera eka. Nnali ssikyategeera bulungi, omubiri gwonna gwali gujjudde okwokya ate nga nzenna nfunye empewo. Nnasaba Katonda wange emirundi gye ssiyinza kujjukira, atusaasire era akuume abantu bange, mu kiseera ekyo abaali basaasaanye era nga ssirabako n'omu. Kyali kiseera kizibu nnyo. Nnasanga mukazi wa musajja wange alumwa nnyo okuzaala era nnamalwo akaseera katono n'azaala. Ssiyinza kujjukira oba yazaala kaana ki? Oba kawala oba kalenzi - sso nno ndowooza nabuuza! Natumya Mukyala wa Muganda wange, Kaddu-Kazibwe, ajje ayambe omukyala oyo, era najja mangu. Nnabeera awo ne neengera ŋg'enju yange emenyebwa, era ng'ebintu byange byonna bisombebwa okuva mu ŋju; abasajja nga beetala nga bava eno nga badda eri. Nasiiba awo olunaku lwonna, amalusu gankalira mu kamwa era ne gankaawa nga alwadde omusujja, olubuto lwonna ne lujjula ebbugumu ng'omulwadde w'omusujja gwomu byenda. Nnawulira okutya n'okubuusabuusa mu bulamu bwange, oba bye nnali ndaba byali bituufu, oba nnali ndoota buloosi. Omusajja wange Augstino yali yeetala nga adda eno n'eri, ng'anoonya eddagala lya Mukyala we, eyali aky'alemeddwa okufulumya omwana ow'emabega nga Abaganda bwe bamuyita.

Oluvannyuma Mutabani Ndawula (gwe nnataasa ku basirikale ku makya), yajja nanneegattako ne tubeera naye awo nga tulengera ebitukolebwa eka. Nga tukyatangaaliridde mu ngeri eyo, gye twakuba amaaso ng'oluseregende lw'abasirikale tululengera lukka okuva ku

ssomero nga boolekedde ku lusozi gye twali. Twalowooza nti baali bajja kunona nte, kubanga zaali ziri awo nga zirengerekeka bulungi. Olwo abantu bonna ab'eka era n'emitala ew'Omumbejja Nnandawula, baali babunye emiwabo. Buli eyafunanga w'addukira, yagendanga yekka, tebakulimba nga nti, waaliwo eyamanya munne gy'alaze ab'omukisa baasisinkananga eyo. Bwe twalaba ng'abasajja abo ab'amagye boolekedde we twaali twekukumye ne ŋŋamba Ndawula nti, "Mwana wange, abasajja abo bajja eno kunona nte tuve wano, bwe banaatusanga bajja kututta". Twatambula mpola nga tugenda tukiiba olusozi nga bwe twewalula mu bitundu ebimu baleme okutulengera. Tuba tugenda bwe tutyo, Ndawula eyali anvaako emabega n'aŋŋamba nti, "Taata, ssooka obwame wansi mangu, abamagye bali wammanga". Nabwaama, ne nneekulula, ye Mutabani yali yagudde dda wansi, natya nnyo, naye eky'omukisa abasajja tebaatulaba. Twasigala awo, Okumala ekiseera okutuusa lwe baabulirayo. Baali bakutte leerwe yokka nga boolekedde Kampala, era oluvannyumako twawulira okuvuga kw'emmundu ez'amaanyi ennyo ku ludda lw'e Kawolongojjo. Twategeera luvannyuma nti, baagenda ku Lerwe Sitenseni e Kawolongojjo gye baakubira amasasi era ne battayo n'abantu abaali abasaabaze mu ggaali. Mbu baababuulira nti, "Eriyo 'Abayeekera'.

Tweyongera okutambula ne tutuuka ewa Kalekezi, omusajja ali ku lusozi Kyankowe, eyo waggulu. Yansaasira nnyo ebizibu ebyaali bintuuseeko; era mu kiseera ekyo enkuba yatandika okutonnya. Kalekezi yanona omupiira gw'enkuba n'agundeetera nnebikkirire, nnali ngugaana kyokka ye nampaliriza. Nagwebikkirira, naye nga guwunya! Twatambula nga tugenda tukiiba olusozi, ate ne twetoloola ne tuba ng'abadda gye twavudde, era nga nze njagala kugira nga nkyalengera eka wange, nga n'ekirowoozo ky'okuva ewaffe e Kyankowe tekindiimu, nga ndowooza nti, abasajja banaalwa edda banaagenda. Bwe naddayo okulengera eka, nagenda okulaba nga basindika emmotoka yange eya Benz, nga gye nnali ngikweese ku ssomero bagigyeeyo. Naggwaamu amaanyi ne mmanya nga tebajja kundekera kintu, era awo ekirowoozo we kyanzigyiramu nti, ddala abasajja abo baali banzigyiridde. Era watekwa okubaawo eyabasindise okunkolako obulabe obwo. Nagamba omwana Ndawula nti, "Mwana wange, nze ka nve wano ŋŋende bwe ntyo, Katonda gy'aliyagala ŋŋende gye ndigenda, Mukama abeere nnamwe". Ne muwa omupiira gwa Kalekezi, ne tusibulagana nga tukaaba.

NTANDIKA OKUBUNGEETA

Nnasigala bw'omu, ne ntambula nga ŋŋenda nkiiba olusozi, okutuusa lwe nnaluvvuunuka ne nzikirira e Namalere. Nzenna nga ntobye omusulo, natuuka mu lusuku lw'Omukyala Ddaata, ne nzikirira okutuuka ewa Andereya Kisule. Bwe nnali nga ntambula mu Lusuku nga ssinatuukira ddala waka wa Kisule, omuwala Nnankumbi n'ampita natya bwe nnawulira eddoboozi, kyokka ne nyimirira; omuwala n'ąjja ng'adduka nantuukako. Naŋŋamba nti, "Ssebo, nga kitalo ebibatuuseeko". Kko nze nti, "Ani akugambye?", Kko ye nti "Kateregga atuuse wano yatugambye era ye ab'amagye kata bamutte". Namugamba agende amumpitire, ansange ewa Mwami Kisule, (Kateregga, y'omu ku baana bange), nze ne nzikirira ewa Kisule. Bwe bandaba bonna, ne bakaaba amaziga, nabasaba amazzi; Joyce Nnakitto n'agende n#agandeetera, nenywaako naye nga tegagenda. Kino kye kintu kye nasooka okuyisa mu bulago olunaku olwo. Bwe nnamala okunywa ku mazzi, ne tusabako. Okusaba kwakulemberwa Omwami Kisule, era bwe kwaggwa ne Kateregga yali atuuse ne tusiibula ne tugenda, nge tetumanyi gye tulaga. Nga twakatambulako, twasanga omwami omu eyatugamba nti, "Balabye ab'amagye nga bannoonya! Nti, naye bagenze". Omwami oyo, yatuwerekerako akabanga, oluvannyuma n'akoma. Twasalawo tugende e Kabule, ew'Omusumba Rev. B. Lubega, tusule eyo, anti nga n'obudde buzibye. Twatambula okuyita mu kyalo ekyo eky'e Namalere ne Baligwa era ne tusanga eyo abantu b'ewaffe ku kyalo bangi ddala nga bonna badduseeyo dda. Mu bo, Omwami Akula-Bazongere, gwe twasinga okunyumyako naye, nga yali addusizza ente ze, naye nga mu kiseera ekyo tamanyi bantu ba mu maka ge gye bali. Yatuwerekerako era n'atulaga obukubo ffe bwe twali tutamanyi. Mutabani Kateregga, yannyumiza bw'ati eby'amutuukako.

"Nze, bwe nnalaba ng'abasirikale bazze ku lusozi e Mawagga, ku Radio, nasula ntidde era olwamala okusaba ku makya kwe kukwata akagaali kange n'eŋŋenda ewa Taata Kaddu nkaterekeyo, ne mpitira eyo ne eŋŋendako ewa Kikoyo ku faamu oluvannyuma ne ŋŋenda ewa Taata, Rev. Kayondo, eyo gye nnava nkomewo eka. Bwe nnali ntuuka bwenti ku luguudo, kwe kulengera abasirikale nga bangi ddala, naye nnali ssikyayinza kudda mabega nga bamaze okundaba, era ssaasooka kutya kubanga nnali nnengerawo n'abantu abalala aba bulijjo. Neeyongera okugenda gye bali ng'ebirowoozo byange biri ku kugenda ka. Ab'amagye be nasooka okutuukako tebanfaako era ne

mbayitako bulungi. Naye mba ntuuka nti awaka, omujaasi omu kwe kumpita, era ŋŋenda okutunula nti eka nga ndaba ebintu byonna biri bweru, ng'enju yonna nkubeekube, ne ntya nnyo ate nga ab'awaka ssibalabako. Natya nnyo ne ndowooza nti, oba baabasse dda! Nagenda eri omujaasi gye yali ampise ere n'antwala awali abakulu, ne bambuuza ebintu bingi ne bampita 'Omuyeekera'. Nabalaga 'identity y'essomero, abamu ne bakkiriza, abalala ne bagaana. Bantuuza awo okumala ekiseera, ng'abamu bagamba nti, "Mukube essasi, abalalal nti muleke". Ddaaki, eyalabika ng'omukulu wabwe n'aŋŋamba nti, "Muvubuka, genda, kko omulala nti, ttova wano". Nembeera awo nga nsobeddwa. Okutuusa omu lwe yajja, nankwata ku mukono, n'antambuzaako akaseera n'andeka. Naddukira ddala ne mpita ku Kakomera ne ntuuka ku ssomero, nga ssiraba ku b'ewaffe, ne nzirukira ddala, okutuusa lwe neesanga e Namalere. Nga ntidde, nga ssimanyi oba ewaffe essigaddeyo omuntu omulamu. Nga wayise ekiseera, omuwala Nnankumbi yajja, n'aŋŋamba nti, "Taata wo akuyita, ali wali ewa Mwami Kisule".

Kale nno, Mwami Bazongere ng'atukomezza, twatambula bwe tutyo ng'ennaku ejula okututta. Twasanga abantu bangi nnyo abadduse mu maka gaabwe be tumanyi ab'oku byalo ebiriraanye ewaffe, olwo ne tumanya ng'abasirikale batandise okusaasaana mu byaalo nga banyaga ebintu by'abantu. Ekiseera kyonna nga twewuunya obanga ddala abasajja abo balina abakulembeze, era nga ddala tulina Gavument erumirwa abantu n'ebyabwe era nga kitulema okuteegera lwaki, abajaasi abo bandirumbye ekyalo kyaffe! Nga bwe tugenda twewuunnaganya bwe tutyo, twatuuka ew'Omusumba w'e kabula, Rev. Lubega. Yeewunya nnyo okutulaba naddala bwe yantunuulira n'alaba embeera gye nnalimu. Enjala yali etuluma, sso nga ate tetwagala kulya, twali tukooye mu mubiri, n'ebirowoozo, nga tetufaananika! Yatubuuza nga bwe yewuunya ensi. Ebyali bituguddeko yali abitegeddeko akatono, kubanga Omusomesa w'e Kkanisa y'e Ttanda, yali addukidde wuwe, era ng'amutegeezezza nti, "Tebiri bulungi e Kyankowe". Newankubadde yali tanamanyira ddala bintuuseko. Rev. Lubega, yatujjanjaba nnyo, nnyo, yatufumbira n'ekyeggulo. Newaakubadde twali tetwagala kulya, naye yatuwaliriza okulyako. Yatwalira bulungi n'atubikka.

Twafuna okujjanjabwa kulungi nnyo, okuva ewa Rev. Lubega, era tetulina bigambo bimala okumwebaza, wazira Katonda amwongere ku kisa ekyo n'ebirala bye yetaaga n'okusingira ddala

okumuwa omubeezi amusaanira kubanga ffe we twatuukira mu maka ge ng'alimu yekka era emirimu egyo gyonna egy'okutujjanjaba, y'agikola bw'omu! Nga tumaze okusabako, twagenda okwebaka.

Newaankubadde nga Rev.Lubega yatwalira bulungi, nze ekiro kyonna nakimalako nga ssikombye ku mpeke ya tulo, era ekiseera ekimu nafuluma ne mbeera ebweru, ng'ennaku ejula okunzita. Emmotoka z'amagye zaali zisomba ebintu byange ekiro kyonna, nga tuziwulira bulungi okuva e Kabule, we twali nga ziva e Mawagga ku Radio Sitenseni, nga zikoma e Kyankowe ate ne ziddayo. Ekiro ekyo, Omwami Samwiri Ssekitoleko-Zamufula, ne Mwami Kibuuka, bajjako awo we twali ewa Rev. Lubega, ne batulabako, era mu kwogerayogera ne tusalawo okugezaako okulaba Assistant District Commissioner, Omwami Sserwanga, tumuyitire mu ebitutuseeko. Tetwalina ntambula yonna, etusobozesa kutuuka Mityana okuggyako okutambula obutambuzi, ate nga tuteekwa kuyita eyo bbali ddala mu bukubo obw'omu nsiko olw'okutya okugwikirizibwa abaali batunoonya. Ku Lwomukaaga nga 27 February, 1982, twakeera nnawankya ne Mutabani Kateregga, olugendo ne tulukubako ekifuba, munaffe Mwami Kibuuka, yali asuubizza okutuwerekerako atulage n'obukubo, teyalabikako, awo nno, ffe bwe twamala okusabako n'okunywa ekikopo kya chaai, Rev. Lubega kye yatufumbira, nga tweggyawo. Okuva nno awo okutuuka e Mityana ng'oyise eyo mu nsiko gye twayita, mailo ziri eyo mu kkumi na nnya. Tuba tutambuddeko mailo nga ssatu, kwe kusanga Omwami Walusimbi, eyatuyamba ennyo bwe yalekayo bye yali akola n'atuwerekerako, ng'atulaga obukubo obweyo ebbali, n'atuwonya okugenda nga tubuuza. Yatuwerekerera ddala okutuusa bwe yatutusa e Wabigalo emabega w'ekyuma kya Wamala Union. Twatambula ne tukoowa, naye nga tetulina kya kukola. Oluvannyuma, twatuuka mu Wamala Union mukwano gwange Swaibu Lubega, ssaamusangawo, kyokka be nnasangawo bampa essimu ne nkubira Omwami Sserwanga, (ADC), ne munnyonnyola ebyantuuseeko. Naye yantegeeza nti, yali abitegedde era ng'akola kyonna okulaba ng'alina ky'ayinza okutereeza. Nze nnamanyirawo nga talina ky'ayinza kutereeza, naye kyali kituufu okumutegeeza, kubanga mu nju yange mwalimu emmundu (shot gun), ekuba Enkofu, gye nalowooza nti, bajja kugyekwasa nti, "Ya 'Bayeekera". Era ddala bwe gwali.

Wennamalira okwogera ku ssimu, nga mukwano gwange Lubega akomyewo. Twakaabamu amaziga nga gaago, era awo waaliwo

abakyala, Nnalongo Ssekitoleko, Mukyala Kyalema, ne Mukyala Lubega, nabo ne bakaaba agabwe wazira Mutabani wange Kateregga, ye yasinga okukaaba, era okumusirisa kya tutwalira ebbanga. nategeza Lubega nti, ssirina kya kukola okuggyako okugezaako okutuuka e Kampala; twakubaganya amakubo, naye nga gonna mazibu. Nnali nnyinza okusigala awo okutuusa akawungeezi, ne nsalira e Wabigalo ne ŋŋenda e Busubizi, ne mpitira eyo n'e Busujju, ne nziguka ku luguudo lw'e Masaka. Ekyo kyali kirabika nga kye kisinga obwangu, naye ate nnalina ekirowoozo ky'okuyitira okumpiko waakiri n'ewaffe, nsobole okubuuliriza oba kisoboka mmanyeko ab'ewange gye baddukidde.

Oluvannyuma twasalawo tuddireyo mu kkubo lye twajjiramu. Munnange Lubega yampayo essaati, ne ssente ntonotono, olw'okweyambisa ne tusiibulagana. Tetwamanya nga tujja kulwaawo bwe tutyo okulabagana nate. Muzukulu wange Ssenyonjo, era ne Mwami Kamya, Transport Officer mu Wamala Union, bamperekerako era buli omu n'anziruukirirayo ne ssente entonotono nga bw'asobola. Ssenyonjo yatusibirira n'amenvu. Yakola bulungi, kubanga newaankubadde ku olwo tetwagalya, enkeera gaatuyamba nnyo.

Bannaffe abaatuwerekerako baatutuusa ku lerwe era ne batuwerekerera ddala ebbanga eriwerako, oluvannyuma ne tugenda nga tusinzittuka bwe tutyo ng'ennaku etuluma nga twewuunya ddala kiki kye twakola ku nsi ekitutuusizza ku kubonaabona okwo! Mu kkubo eyo, twasangayo omusajja ow'oku kyalo ky'ewaffe eyali yavaayo edda ng'ali ku bugenyi ku olwo nno yali addayo, naye bwe twamubuulira ebiriyo, musajja wattu twaleka atangaaliridde nga kyaliko takimanyi. Twayawukana, naye ffe ne tukwata gaffe naye n'anenda. Ssimanyi byaddirira oba yatuuka, anti ssaddayo kumuwuliza. Twatuuka ewa Rev. Lubega, e Kabule ng'obudde bugolooba, nga tukooye, nga enjala etuluma, ng'ebigere bituluma olw'okunyigibwa engatto, bwe tutyo. Munaffe Rev. Lubega yaddamu buto okutujjanjaba, yafumba chaai, n'amagi era ye Mutabani Kateregga n'amuwa ne ku ggolu.

Bwe twamala okunywa chaai, ne tusiibula, Reverand yatuwaliriza tusule, naye ne tugaana nga tetwagala kumuleetera mitawaana ate era nga twagala tutambule akawungeezi ako, tusembereereko ewaffe tulabe oba tunaawuliza ku b'ewaffe gye baddukidde. Yatuwerekerako ne tusiibulagana nga tetumanyi oba tulisisinkana

nate, wazira Reverand y'akola ekintu ekyannyamba ennyo mu kutambula bwe yampa ebigatto ebisonsekebwaamu ebigere (sandles). Zannyamba nnyo ddala, era na kati nkyazikuuma.

AKASAASAANO

Twatambula mpolampola nga tuyita mu bukubo bwe twali tuyiseemu eggulo limu. Tweyongera okusanga eyo abantu bangi abaali badduse ekibabu, nga balese amaka gaabwe, n'ebintu byabwe byonna ttayo nasanga eyo abasajja abakadde, n'abakazi abazeeyi ddala, nga bonna bali mu kudduka awatali asaasira. Buli muntu gwe nnalabako yandabula nti, Sigeza ne nzira eka, ab'amagye baali bannoonya nti, waliwo omukulu eyabatuma okunzita!. Ssaasooka kukkiriza bigambo ebyo, naye ate era nnalina okwegendereza anti, obulamu bujja lumu, era buvaawo lumu. Era eyo gye baatutegeereza nti, Ente zange baali baziridde era nti, bwe watabeewo kikolebwa, zonna bajja kuzimalawo. Nnagezaako okwegayirira abantu bagende wakiri bazikube ekiro bazitwale ewa mukwano gwange omu, eyali ebbali eyo naye nga tewali ayaŋŋanga kugenda ku ddundiro. Ebyo ne mbivaako ne mbirekera Katonda. Twatambula nga tugenda tuyita mu nsiko ne mu bibira, okutuusa lwe twatuuka ewa Mwami Kiwanuka, gwe baakazaako erya Magirigimba. Twatuukawo nga buwungedde era wo wano waaliwo abantu bangi ddala nga beewaaga amagengere. Nnasangawo abamu ku baana bange, n'abazzukulu era n'abamu ku baana b'essomero ly'e Kyankowe nga baddukidde eyo! Obwana bwali awo mu basajja abatamidde era nga bamala geeyogerera. Nnali ssikyayinza kweyongerayo, nnasalawo okusula awo ndabe ne kye tuyinza okukolera abaana abo. Omwami Kiwanuka yatujjanjaba bulungi nnyo, yatuwa amazzi ne tunaaba, Omukyala n'atufumbira emmere, ne tulyako naye nga tegenda, era ekiro ekyo n'atuttira enkoko gye yatuzuukusa obuzuukusa okulya. Enkoko zitera nnyo okumpomera, naye eno kata enneme olw'ennaku gye nnalina ku mwoyo n'okutunuulira obwana bwange bwonna nga bugaŋŋalamye awo butyo!

Ekiro ekyo, twatambula ng'Omwami Kiwanuka atuwerekerako ne tugenda ku Kkanisa e Ssaala, gye twali tutegedde nga Mukyala wange Joyce Bulya Mulondo, gye yali addukidde n'obumu ku buzukulu bwaffe. Ebigambo bino byonna, bikwasa ennaku nnyingi n'oyagala n'okukolima, naye n'oleka bulesi olw'okumanya nti "Ebikolimo bya Wankoko tebitta Kamunye". Nnasanga Mukyala

wange mu nnaku empitirivu, mu buzibu bw'atasuubirangako. Kubanga kye yandisuubidde nga mbadde nfudde, bwe buyinike bw'okuffiirwa bba, naye yandibaddeko w'asula!Twasabako Katono, Rev. Ssemambo ne Ssemwambala Senior, ne bannange bwe twali. Nnabuuza omukyala banaffe abalala ab'omu maka gye baali nga naye tamanyi, buli muntu yadduka yekka era ffe twamubuulira nti, "Abaana abamu baali wa Mwami Kiwanuka-Magirigimba". Amaka gange gaabeerangamu abantu bangi ddala, naye Omukyala Proscovia Jeska Nnambassa, n'abaana bange bonna, ne Mwannyinaze omukadde ennyo Anna Nnanjobe Nnamwandu, tewali yali amanyi gye bali. Nnalekera munange bussente bwe nnali nabwo - bwe baali bampadde e Mityana, ne tusiibulagana ng'amaziga gatuyitamu. Twadda ewa Mwami Kiwanuka, era gye twasula. Mwami Kiwanuka y'ampa ekkanzu okusulamu era oluvannyuma, n'agimpeera ddala, nakati nkyagirina - mwebaza nnyo, Mwami Magirigimba. Twateesa naye okulaba engeri abaana abo gye bayinza okubeeramu, era nnanngumya nti, "Ajja kugira ng'abalabirira okutuusa lwe tunaalaba awalala we bayinza okubeera". Nnnamwebaza olw'omwoyo omulungi bwe gutyo era nakati nkyayongera okumwebaza, era mwebaza olw'okuguma okunsuza ng'ate olugambo lwali lumaze okuvuga wonna ng'abamagye bwe bannoonya. Akasaasaano kano, kantuukira ddala ku mutima gwange, ne ndaba ng'ensi yonna endibiridde nga n'amagezi gampweddemu. Nze, obulamu bwange bwonna, bwa bantu bangi era ng'ekyo okurabira mu maka gange, anti ng'oluusi tubeera mu maka abantu abawera amakumi assatu - naye nga ffena tubeeramu nga tuli basanyufu.

OLUGENDO LW'OKUKIBUGA

Ku Ssande nga 28 February, 1982, enkoko twagikwata mumwa; nnazuukusa Mutabani Kateregga, n'abaana bonna — anti twasula nabo awo mu ddiiro nga abali mu lumbe, ne tumala okusabako nabo, olwo ne tunaabako mu maaso. Mwami Kiwanuka yagolokoka ne basajja be babiri ne batuwerekerako. Obudde bwali tebunnalaba era okutuwerekerako kyatuyamba nnyo, kuba amakubo twali tetugamanyi. Baatuyisa mu bukubo mu byalo eyo okutuusa lwe baatuutuusa e Mugulu ne batuleka mu kkubo eryatutuusa e Namugongo; olwo n'obudde bwali butandise okutunula. Nga batulese tusigadde bwa babiri, ennaku era yeyongera okutuzimbako akayu. Twatandika okunoonyereza engeri gye tugenda okutambulamu. Nnali ntekwa okuyitirako ewa Muganda wange Benya Musanje, e Kikonge, mutegeeze byonna ebintuuseeko, era nga bwe ŋŋenze; kyali kizibu okutuuka ewa Musanje, nga tetukomyeewo mu luguudo olunene! Twatambula nga bwe tugezaako okunoonyereza we tuyinza okuyita naye ng'ekkubo terirabika. Twasanga omuvubuka eyali alaga ku lerwe sitenseni e Kawolongojjo, ne tutambula naye. Omulenzi oyo n'atugamba nti, "Abamagye batambula wonna ku luguudo lwa lerwe". Ate ekyo, ne kyongera okututiisa, kyokka ne tugenda. Bwe twatuuka e Kisaana ne ntumya Mwami Gganya, nze nga nsigadde mu kkubo. Musajja wattu yajja mangu; obuzibu bwaffe yali abuwuliddeko naye nga tannamanyira ddala byonna nga bwe biri. Nga muyitiddemu ebyangungu, nnamusaba atulagirire akakubo akayinza okutusomosa ne tutuuka ewa Muganda wange Musanje, e Kikonge, nga tetuyise mu luguudo luli olunene. Musajja wa bandi teyali mubi mu kifo ky'okutulagirira, yagamba bugambi nti, 'Mungoberere", Tuba tutandika tuti okutambula ng'omuntu omu ampita, okugenda okukebuka, nga ye Mwami Batte, Mukristaayo munnange mu Busumba bwaffe obw'e Ssaala ng'ajja adduka. Mbu yasanga omuntu eyandabako mu matulutulu eyo gye twayita e Mugulu, n'amugamba nti, "Andabyeko nga nkutte ekkubo eryo". Sso nno, nze omuntu ssaamulaba. Kale nno, ye mbu kwe kusalawo okungoberera ankubeko ekirozo, era n'okukakasa nga nkyali mulamu. Emmeeme yange yasanyuka nnyo, okulaba okwagala okunene bwe kuti, Omwami Batte kweyalina gyendi. ŋŋambye nti, Emmeeme yange yasanyuka, anti nga ku maaso essanyu terirabika, kubanga bwe twatunulaganako amaaso gaffe gajjula obuyinike, era ne twesanga nga tukaaba.

Yambuuza gye ndaga nga ssimanyiiyo mmala gatambula. Yakwata mu nsawo ye naggyamu entanda eyannyamba ennyo, ne mwebaza ne tusiibulagana ne twawukana. Mwami Gganya yatuyisa mu kakubo akanfaananira okuba nti, edda kaali kisinde kya nte, tuutwo mu lutobazzi, tulinnyerinnye omutala gwe ssaamanya bulungi linnya, tukkiridde, tuutwo tulinnyerinnye mu kkubo eryatutuusa mu maka ga Sseruganda Musanje.Naye tuba tuli kumpi okutuuka, gye twakuba tuti amaaso, nga ku Mwannyinaze Manjeri Nnabakabya. Twagwa-ŋŋana mu bifuba ne tukaaba. Baali tebamanyi nga nkyali mulamu. Twatuuka awaka Muganda wange Musanje ne musangawo nga nabo bali mu kwetegeka kudduka anti nga baababuulidde nti "Ab'amagye bajja". Akabanga twalina katono nnyo nga tetuyinza kusindiramu buyinike bwali bututuuseeko. Omukyala yafumbayo mmangu chaai, eyali omukalu nga temuli mata temuli ssukaali — kwo okuba ye ssukaali nze ssimunywa. Chaai oyo yampoomera, oba lwakuba nga nnamunywa wa Muganda wange! Ssimanyi, era eyasigalamu nasaba ne bampa eccupa ne muteekamu (eccupa eya bulijjo, 'bottle') nga mmanyi ajja kutuyamba okunywako mu kkubo mu kifo ky'okunywa amazzi amabi. Muganda wange nnamutegeeza nti, "Ndi mu buzibu ntekwa okugenda ntuuke e Kampala eyo gye ndisalira amagezi". Twakkiriziganya olwo ne tutandika okusala entotto nga tunoonya ekkubo ettuufu okukwata. Waaliwo ebirowoozo bibiri: Okusala oluguudo ne tugguka e Busujju, ne tuyitira eyo n'e Mawokota, ne tuggukkira ku luguudo lw'e masaka. Ate ng'ekirala, kwe kugenda nga tukiiba omugga Mayanja, ne tuggukira e Busiro, ne tugenda bwe tutyo eyo mu byalo, okutuusa lwe tugguka ku luguudo lw'e Hoima. Twali nno tukyali mu ebyo, nga bannaffe abaali ebweru batugamba nti, "Abange, abamagye baabano, balinnyalinnya Kikonge, bajjudde oluguudo lwonna". Twasituka busitusi, nga ne Musanje agamba b'ewuwe nti "Musitukireemu, mugende mangu e Bananze gye nnaabasanga". Twaleka abo nabo nga beetala nga tusambyako. Musanje nga naye agamba nti, kaamale okutuwerekerako, atunonyezeeko obukubo obuyinza okutusomosa okutuuka e Kitalya, mu Busiro.

Twatambula bwe tutyo mukungujjo, nga tetumanyidde ddala gye tugenda kuyita. Bwe twali nga tukutte ekkubo lye twalowooza nti, liyinza okutusomosa ate eyo gye twasanga omusajja nga naye adduka n'atugamba nti, "Ttemugeza kulaga eyo, ab'amagye gye balaze". Eyo ate ne tuvaayo, leero ne tubutaabutanira mu kyalo ekyo ne tukamala

Manjeri, gwe twalese eka ewa Musanje, ng'anonya abaana nti "Bamubuzeeko!. Nkugambye ne tusoberwa ne tukamala bumazi. Ffe, twakwata ekkubo ddala, naye ne tumuleka n'agenda ng'anoonya abaana. Twatambulira ddala, nga tumala gagenda tutyo, okutuusa lwe twasanga omuvubuka Emmanuel Ssempuwo, ku kyalo Nakabazzi. Omuvubuka ono nnali mumanyiiko katono; twamubuulirako katono ku buzibu bwaffe, n'atusaasira. Twamusaba oba ayinza okutulagirira akakubo konna akayinza okututuusa emitala wa Mayanja, ne tuggukira oba e Kitalya. Y'agamba nti, "tewali kkubo lyonna liyinza kubasomoseza mugga Mayanja, era tewali we guyinza kusomokeka!" Wazira, n'agamba nti, "Waliwo ekisinde ky'abayizzi b'Enjobe, ekiyinza okutusomosa omugga Kizzikibi, ne tuggukira e Kiteete, olwo ne tukwata Lerwe yokka, okutuusa lwe tusomoka Mayanja nga tusomokera mu kkubo eriva e Ddavula". Omuvubuka ono, Ssempuwo yatukulembera, n'atutuusa ku mugga tuutwo ku kisinde, n'atulagira tuggyemu engatto, era n'empale tuzikungire ddala okuyita mu maviivi. Twekkata mu kisaalu, tuutwo mu kitoogo. Obuzibu bwe twasanga mu kusomoka omugga guno tebutendeka, ekigga kyalina obuteebe omuyinza okubuliramu omuntu era omuvubuka y'agenda nga atulaga we tuba tulinnya ku nkongolo z'ebitoogo; nze nnasanga obuzibu bungi okusomoka, era nnagwa mu ntubiro emirundi ebiri nzenna ne ntoba ebitosi ne nkamala era emirundi gyombi nga bansikamu busisi. Erinnya ly'omugga guno "Kizzikibi", lyagutuuka, gwali muzibu nnyo okusomoka. Mu kiseera kino kyonna ne Muganda wange Musanje, twali tukyali naye, ate bwe nnalaba obuzibu buno bwonna ne ntandika okweraliikirira ku lulwe, engeri gye banaayitamu nga badda!

Tuba tuli kumpi okumalako ekitoogo, ate tukwatagane n'ekibira, emmundu ez'amaanyi ddala ne zitandika okutokota. Zatokotera ddala n'amaanyi mangi nnyo ne tutya ne tutiiratiira, ate nga tetulina gye tuddukira. Omuvubuka eyali atukulembedde ye nga atufubisa nti, "Twanguweko mmangu tutere tuve mu kibira, ssi kulwa nga bazoolekeza gye tuli nga balowooza nti, Abayeekera bali mu kibira. Ddaaki, twatuuka ettale. Twaggukkira mu nnimiro omuvubuka kwe kutuleka awo n'agamba nti, kaamale okugenda mu kyalo mpola-mpola, alabe nga teri kabi. Twagenda tumuvaako mpola emabega era oluvannyuma, yatutemyaako tumwegatteko ng'amaze okubuuza. We twamusanga waaliwo omwami eyalina essamba y'ebikajjo. Twamusaba atuweeko, n'agamba nti, "Muteme". Kyali kya magezi okusaba, ate naye yatukola bulungi nnyo obutatumma, kubanga

ebikajjo bino byatuyamba nnyo. Twatemako empango bbiri era banaffe abaali batuwerekeko ne bagira nga batukwatirako. Twagenda tuyita mu kyalo eky'e Kiteete mu bukubo obutonotono, okutuusa lwe twekkatta mu luguudo lw'eggaali y'omukka. Omuvubuka Ssempuwo, yali ayagala kutukomya awo, ffe twewerekere, naye ow'Oluganda Musanje, n'amuwaliriza batwongereyo okutuusa nga tusomose omugga Mayanja. Yakkiriza ere ne batuwerekera. Twatambula olugenda olwo olw'omu luguudo lw'eggaali lwali luwanvu nnyo ate nga twalutambulira mu kutya ng'amatu tekuli olw'emmundu ezavuganga ku luuyi lwaffe olwa ddyo, ekiseera kyonna kye twamala nga tutambula. Ddaaki, ne tutuuka oluguudo oluva e Ddavula we lusalira omugga Mayanja. Mu maziga amangi, twasiibulagana ne bannaffe ne batuwa ebikajjo byaffe ne babeera awo okutuusa nga tusomose omugga Mayanja, ne balyoka bakyusa okuddayo. Ssaamanya nga mu kusibulagana okwo sigenda kuddayo okulabagana nate ne Muganda wange Musanje nga mulamu! Nnawulira muli okusaasira ennyo bannaffe abo, olw'olugendo lwe baali bagenda okutambula okuddayo, kubanga newankubadde olugendo olwaffe lwali lunene, naye ate olwabwe nalwo lwali lujjudde ebizibu. (Nga nkyawandiika akatabo kano, ne nfuna amawulire ag'ennaku ennyo nga Muganda wange Musanje afudde! Ensi yanzirugalira, ne nkaaba amaziga, nga ate Muganda wange si muziikeko. Nnalaba nnyo! Kale Katonda amuwummuze mirembe).

Twasomoka omugga Mayanja, olwo nga tusigadde babiri ne Mutabani Kateregga. Emitala w'omugga Mayanja, twasangawo abantu bangi era bbo baali batulengera nga tujja. Baali bantu ba ku kyalo ekyo nga bawuliriza okuvuga kw'emmundu, ezaali zivugira gye twali tuva. Neewuunya okusanga nga mu bantu abo mwalimu abammanyi, era baali bawulidde ebyangwako nga 26 February, 1982. Twabuzaganya nabo, twababuulira nga bwe twali tukooye ennyo, era ne tubasaba obanga waliwo abayinza okutuyamba nga balina obugaali, batutwaleko ku kyalo Magoggo, ekyali mailo nga kkumi na bbiri okuva awo, nga ssinga abantu abo balabika twali tuyinza okubasasula ku bu ssente obutono bwe twalina. Tetwasobola kufuna atuyamba, bonna bagamba nti tebalinaawo ggaali n'emu esobola kuweeka. Amaanyi gaali gatuweddemu nnyo, nga tukooye omubiri n'ebirowoozo. Twatambulako katono ne tutuula, ne tulya ebikajjo byaffe. Waaliwo n'omukyala omu naye eyali adduka ekibabu, ng'alina n'obwana obuto nabwo ne tubuwaako ku bikajjo. Ebikajjo twabiriira ddala okutuusa bwe twabimalawo ne tulyoka tusituka nate okuta-

mbula. Olugendo luno lwatukooya nnyo kubanga omusana ogwayaka ku olwo nga guzuukusa ne Kawekwa e Ggangu. Twakoowa okutuuka ensowera okugigobya olulimi; twatandika okunywa amazzi gaffe agaali mu ccupa (chai omukalu gwe twateeka mu ccupa e Kikonge), Amazzi ago gaatuyamba nnyo era twagapima nga, nga buli omu anywako omumiro gumu naawa munne naye n'anywako — twagenda okugamalamu, nga tusigazzaayo mailo ng'emu okutuuka e Magoggo.

E Magoggo waaliyo ba Kojja bange era twatambula nga twagala tutuuke eyo gye tuba tusula ate tulabe ebinaddirira. Nga tetunnatuukira ddala ewa Kojja wange omukulu, twasooka ne tukyamako ewa Kojja omuto Lutakome. Newaakubadde nga twali mu buyinike bwe butyo, naye bo baasanyuka nnyo okutalaba kuba twali tuwonye okufa. Yalagira mangu chai era ne batta n'enkoko. Twanywa chai oyo nnyo, ssi lwakuba nti, yali awooma, naye yatuwonya nnyo ennyonta n'obukoowu, n'akasana — chai yali mukalu ddala nga temuli mata, naye ndowooza ssinywanga chai mungi nga gwe nanywa ku olwo ate nga mpulira ampomera. Bwe twamala okunywa chai, twatwala emikeeka ebweeru mu mimwanyi ne tugalamira awo. Nnali ndowooza nti, nga bwe nkooye ennyo nja kwebaka, era ddala ng'amaaso gange gonna gajjudde otulo, naye nno otulo nnatulabako? Busa! Ku ssaawa nga kkumi n'emu ne baleeta emmere, twalyako naye nga tegenda — sso nno omukyala yafumba bulungi amatooke n'omuceere, n'enkoko — mpozzi ye ssupu w'enkoko yampoomera kuba nnali nkyawulira ennyonta, ne muwuuta nnyo! Twavaawo awo ku ssaawa nga kkumi na bbiri nga Kojja Lutakome atuwerekerako ne tugenda ewa Kojja omukulu Ssengendo Lwanyaga. Bwe twali mu kkubo nga tugenda, twasanga omuvubuka omu eyatunyumiza nti, "Loole eyaliko ebiwandiiko ebya Mityana Secondary School, yayita mu kyalo ekyo nga ejjude 'Abayeekera' ne by'okulwanyisa, nti era waliwo ne baasi eyali ejjude 'Abayeekera', eyafiira ku mutala oguli mailo nga bbiri okuva awo, nti mu bbaasi omwo mulimu n'emirambo ebiri nti, era 'Abayeekera' bwe baava mu bbaasi eyo, baatambula n'ebigere ne bayita mu kyalo ekyo nga bonna balina eby'okulwanyisa eby'amaanyi. Era baakyamako awantu ne banywawo omwenge, naye nga tebalina kabi konna ke bakoze wadde okutiisa omuntu yenna". Mutabani wange ng'amaze okuwulira ebyo byonna, yanneewuunyisa okugamba nti, "Naye omanyi Taata! Nze ssinga abasajja abo mbalaba, nnandibegasseeko, kubanga kale lwaki tubonaabona bwe tuti nga tetulina ddala musango gwonna? Abasajja bano be bayita

'Abayeekera' ne bayita mu kyalo nga kino ne batakolamu kabi konna wadde okuttiisa omuntu yenna, naye ate abo abeeyita "Abatukuuma", ne bajja mu kyalo buli muntu yenna n'adduka! Ne babba ebintu byaffe byonna, ne batta abantu, n'abaana abato, n'abakadde, aaa, nze nneetamiddwa nnyo — ssinga mbalaba, nnandibeegasseeko!".

Ebigambo by'omulenzi oyo, nabirowoozaako ekiro kyonna ne mbyewuunya, era oluvannyuma nnakiriza nti, "Mutabani osanga yali mutuufu; najjirwa n'ekirowoozo nti, Gavumenti eneesobola etya okusendasenda abantu okugyagala, n'okugiwagira, ng'abasirikale bakola ebigambo ebibi bwe bityo mu linnya lya Gavumenti?"

Twatuuka mu maka ga Kojja Ssenjjendo Lwanyaga ku ssaawa nga kkumi na bbiri n'ekitundu ezakawungeezi. Abantu baaliwo bangi kubanga eggulo limu baali bayabizzaawo olumbe lw'omu ku ba Maama baffe abato, eyali attiddwa ababbi abaali bambadde engoye ez'ekinnamagye. Abantu bwe baatulaba baasooka ne beewuunya embeera gye twalimu. Baalowooza nti, twali tuzze kwabya lumbe nti, oba olyaawo mmotoka yeyali etufiiriddeko mu kkubo kwe kutuuka enkeera! Naye oluvannyuma, baalaba mangu nga waliwo ekisobu. Baatubuuza mangu ogubadde,era ssikulimba nti, waliwo eyayanjanga okutulamusa nga tubayitiddemu ebyangungu bonna baakulukusa amaziga, abalala ne bakubira ddala emiranga, era naffe newaakubadde twagezaako okwegumya, naye twalabaira awo nga tukaaba. Kojjange yakaaba nnyo, era ne Nnamagembe Omusika wa Maama. Nawulira muli nga nzigwaamu amaanyi, era n'ennaku entuukidde ddala ku ntobo y'omutima gwange. Kojja yatumya mikwano gye ku kyalo, bajje batulabe ere bonna ne batusaasira nnyo. Ba Maama bange bambugumiza amazzi, ne bannyiga amagulu. Kojja twamutegeeza nti, "Twandyagadde tugende e Kampala enkeera ssinga waliaaba waliwo ku bimmotoka ebitwala ebintu ku Kibuga." Anti baali batubuulidde nti, oluusi wabaawo ebimmotoka ebya loole ebitwala emmere oba amanda ku Kibuga. Kojja yali tayagala tugende mangu ku Kibuga ng'ayagala tugira tubeerako awo tuwummulemu, naffe kino twandikyagadde, anti n'okukoowa twali tukooye nnyo nga n'amagulu gatuluma, naye nga twandyagadde okuva mu kifo ekyo amangu olw'ensonga nti, "Obanga amakubo gaali gakyayitikamu, kituufu okugenderawo ssi kulwa nga gonooneka, ne tuba nga tetukyayinza kugenda." Ate era twaggyamu n'okutya olwa bbaasi eyali efiriidde ebbali ku kyalo eyatugambibwa nti, "Yali etwala

'Bayekera' ate ng'erimu n'emirambo. Ko ffe nti ssi kulwa ng'eriko abagiwondera, naffe ne batusanga okwo ate ne batutigomya buto; era n'ensonga endala twali twagala nnyo tutuuke mangu e Kampala tulabe obanga tulina kye tuyinza okukola ku buzibu bwaffe. Nga tumaze okunnyonnyola ensonga ezo, twamukkirizisa, n'agamba nti, "Kale munaagenda, ka tusabe Katonda abatuusizza wano ayongere okubakulembera". Olwo n'alyoka atuma omuvubuka n'agenda eyo ku byalo ebiriraanyewo eyali emmotoka gy'asuubira okugenda e Kampala ng'asaba omwami oyo, amulekerewo ebifo bibiri ku lwaffe; omuvubuka yakomawo ng'omwami akkirizza.

Twalya ekyeggulo kyaffe, emmere yali tegenda wewaawo, naye okuzaalibwa kikulu, abakadde bonna baatuwaliriza naffe ne tufuba okulya. Bwe twamala okulya, abantu bonna nebakuŋŋaana ne tusabako. Kojja yampa empale, n'essati: essaati bwetantuuka, naginzigyako n'ampa ensimbi nti, naagigula ku Kibuga, ne muzzukulu we n'amuwa empale. Oluvannyuma, ne batwalira awo mu ddiiro era twasulawo bangi. Nze, bandeetera omufaliso ne banjalira bulungi ddala. Wano we nnasobola okufunira ku tulo; naye ng'Abaganda bwe bagamba nti, "Ekuba Omunaku tekya". Ekisisimuka neebakawo kimu, ndowooza n'okuwera tekyawera; ebiku ebyali mu buliri buno, nze ssibirabangako. Byagenda ne binjiikira ne biruma nze ne bikamala, ekyaddirira kutuula butuuzi, obudde kejjenge. Twagolokoka mangu ku ssaawa nga kkumi n'emu ne twetegeka, ne tusabako, olwo ne tutambula olugendo lwa mailo nga ssatu, okutuuka mmotoka we yali. Mailo ezo zankaluubirira ne zikamal bumazi, kubanga amagulu newakubadde ba Maama baali baganyize naye gannuma n'ebigere byonna nga bizimbye, ng'ekigere wenkiggya wenkizza — ddaaki ne tutuuka we twali ab'okusanga emmotoka; ffe twagisookawo, twalindako nga kitundu kya ssaawa. Njagala okutegeeza mwenna abasoma ebigambo bino nti, nnina okwebaza ennyo Katonda eyansobozesa okusisinkana omwana wange Ibulaimu Kateregga ne nsobola okubaako n'omuntu gwe ntambula naye; nandibadde bubi nnyo, nnyo, okutambula olugendo olwo lwonna obw'omu; ate era nneebaza omwana oyo Kateregga olw'obuvumu bwe yalina ebbanga lyonna lye twamala nga tutambula. Teyaŋŋambako nti, akooye, wazira ate nze namugambanga nti, "Amaanyi gampwedde!"

TUWALAMPA LOOLE

(MONDAY 1 MARCH, 1982)

Loole yaffe yali efumbekedde amanda. Twali tuwerawo abantu nga kkumi abagenda. Omugoba waayo yasooka kwekaamwana nti, mmotoka yali ejjudde nnyo, n'olwekyo teyali wa kutwala muntu n'omu! Oluvannyuma yabuuza nti, "Abantu ba Mwami Sseŋŋendo, baluwa?" Ffe yatulagira okulinnya, naye era n'abalala yabatwala. Twatuula ku loole waggulu nze, nga ndabikira ddala ng'omwooki w'ammanda oba boyi mmotoka. Kyokka newaakubadde twewanika bwe tutyo ku loole era nga n'endabika yonna gye twalimu yali yennyamiza, naye kino kye kitundu ky'olugendo lwaffe ekyasinga okutwanguyira, era twebaza nnyo Omwami nnanyini loole olw'okukkiriza okututwala. Twatambula bulungi, emiziziko (road-blocks), twagisanga Wakiso wokka, era tewali mutawaana abajaasi baali ba polisi ate olwabawa ekyabwe nga batugamba nti, "Mwejjeewo".

Bwe twatuuka e Kasubi, munaffe eyatuleeta n'agamba nti, akoma wano, netuvaako, twamuwaayo bussent obusaamusaamu era ne tumwebaza nnyo, nakati ebirowoozo byaffe bikyamwebaza kubanga yatuyamba nnyo.

Twabeera awo e Kasubi ne tugezaako okulinda mmotoka ezitutuusa mu Kibuga, naye buli mmotoka eyajjanga ng'abantu balwanira nnwanire ate nga ffe tetuliimu maanyi galwaana, twabeera awo okumala akaseera nga tusobeddwa. Waaliwo abamanyi bangi abaatuyitangako nga tebayinza kututegeera! Ddaaki, nga tulengera Mukoddomi wange, Omwami Bbengo, oyo nno naye teyasooka kututegeera. Oluvannyuma bwe yatwetegereza yeewuunya nnyo okundaba mu mbeera eyo gye nnalimu. Bwe namala okumuyitiramu ebyangungu, yafuba mangu okutufunira mmotoka eyali ey'Ekitongole ky'Amasanyalaze. Yatuteekamu era n'asaba omuvuga atutwale e Kampala, yatutwalira bwereere, twamwebaza nnyo. Mu mmotoka omwo twasangamu mukwano gwange Omwami Mayanja, owa Senior Printers, yansaasira nnyo, era ne yennyamira olw'obuzibu obwo bwe nnalimu. Emmotoka yatutuusa mu Kampala, ne tugivaamu.

Twatuukira wa Mutabani Flavian Ssenyonjo Kyambadde, mu ofiisi yasoberwa bwe yatutunulako; nga muyitiddemu mu byangu,

yagenda okunoonya mmotoka etutwale eka. Mukoddomi, Besweri Kasirye, akolera naye okumpi awo, bwe yantunulako, yakakasiza ddala nga ngudde eddalu okutuusa nga mmaze okwogera naye! Abantu abo bonna baatusaasira nnyo, era nga bewuunya ensi eno! Mutabani yafuna emmotoka eyatutuusa ewa Mutabani omulala Joel Kakooza, oyo nno ye yatuvuga okututuusa e Mugongo.

Twanaabako, ne tunywa ku chaai era ne tuwummulako, naye otulo twabula newaakubadde twalina obukoowu obungi bwe butyo. Mutabani Samuel Mutebi, yakomawo akawungeezi okuva okukola naye yeewunya okutulaba mu ngeri eyo. E Mugongo awo, nninawo enju, era batabani Ssenyonjo ne Mutebi we baali babeera, mu kujja kwonna nnalowooza nti, nnyinza okugira nga mbeera awo okutuusa nate lwe tunaalaba embeera nga bweri.

Ekiro ekyo, twasabako n'abaana abo, n'omuzzukulu Miro, ne tulya ekyeggulo kyaffe, oluvannyuma ne tugenda okwebaka. Ebiroowozo by'obuyinike bizibu nnyo; nze ssaakombera ddala ku mpeke ya tulo era ekiro ekyo kyankaluubirira nnyo, mpozzi okwenkana n'ekyo kye nnasula ewa Rev. Lubega e Kabule. Ebiseera ebimu, nnawuliranga okuziyira ng'agenda okwabika era ne mpalirizibwa okufuluma ebweeru ne mbeera eyo. Nnalowoozanga abantu bange bonna ab'omu maka gye bali, abaana, baganda bange, bannyinaze — Omukadde Anna, mikwano gyange, bannange benkolagana nabo ku kyalo, abakozi bange, ggwe wamma ne mpulira obuzibu n'obuzito ku mutima obutagereka!

TUBUNA EMIWABO NATE

(2 MARCH , 1982)

Ddaaki obudde bwakya, naye tuba tulowooza tuti okuzuukuka, emmundu ne zitandika okuvuga era abantu bonna ne batandika okudduka nga bagamba nti, "Ab'amaggye ekyalo kyonna bakizinze". Ebirowoozo byange byafa, ne ndowooza eky'okukola ne kibula, okutuusa Mutabani Ssenyonjo lwe yaŋŋamba nti, "Tudduke". Ha, ennaku eno! Nze amagulu gaali gannuma era nga ssisobolera ddala kudduka, abantu bampitangako ng'abamu badda eno, abalala nga badda eri, naye nno tuba tuli awo, nga wajjayo omwami omu nga ali mu mmotoka naye ng'agezaako kugiddusa, eyo nno naffe gye twebereka, avuze, tuutwo Kyengera, tukkiridde, tuyitidde omwo, tuutwo mu byalo ebiriraanyeewo, okuwummula nga tuli Nabbingo

College — eyo enkuba gye yatusanga empitirivu eyalimu kibuyaga omungi, n'ewogola emiti, n'etikkula amayumba. Baatubuulira luvannyuma nti, enkuba eyo yeyayambako ab'amagye n'ebatwala entyagi, nti naye gye baayita, kye baakola eyo entungo ggobe.

Twasiibira ddala eyo Nabbingo, twavaayo lwa ggulo nga bamaze okututegeeza nti, ewaffe eteredde. Nneeyongera okuwulira muli obuzito ne ŋŋamba nti, "Olwo kale omwana w'omuntu anassa wa omutwe gwe?" Uganda yali yeyongera okufunda, naddala gye ndi yali efunze nnyo! Twasiiba bwe tutyo nga tuli bagonvu mu mibiri ne mu myooyo.

(3 MARCH 1982)

Ku olwo bannaffe bonna baagenda okukola, nze ne Mutabani Kateregga, twasigala awo era oluvannyuma twateesa tutambule ko tugendeko mu Kinawa ewa Mutabani Kasaali-Munawa. Omukyala twamusangawo, ne tubabuuzaako katono ne tugenda ewa Mutabani omulala, Experto Kyeyune (Kinawa Millers). Tetwamusangawo, naye oluvannyuma yajja; yennyamira nnyo olw'ebyo byonna ebyali bitutuuseeko. Twasiiba awo nga tunyumya era nga naye musajja watu tateredde, anti nga ab'amagye babatigomya buli kiseera. Oluvannyuma yatuvuga mu mmotoka ye n'atuzzaayo eka, wazira teyatutuusa waka anti twali tukyagenda, omuntu omu n'atuyimiriza nti, gye tugenda abantu badduka nti ab'amagye bali batigomya abantu. Yatusuula awo ye naddayo ffe ne tugira nga twekweekako awo tulinde embeera etereere. Oluvannyuma twatuuka eka.

Ku kyalo kyaffe okwo Mugongo, kuliko Omwami Kikonyogo, twakola naye ebbanga ddene mu Land Office nga ye Mugezi wa Ttaka (Surveyor). Kale nno Omwami oyo Kojja wa Mwami Paul Muwanga, Vice President wa Uganda; bwe twali nga tuyita ewuwe ne mmulengera ne ndowooza nti, kituufu okumubuuzaako. Yasanyuka okundaba. Nga tumaze okulamusaganya, namubuulira ebyantuukako. Yennyamira nnyo era ye n'aleeta ekirowoozo nti, "Twandirabye Vice President ng'ate ye Minisita wa Difensi, ne tumunnyonnyola oba olyaawo anaabako ky'akola". Ekirowoozo kino ssakiwakanya kubanga era abaana bange Erukana Sseggane ne Keziah Mayinja, nabo baali bamaze okugamba nti, bajja kulaba Minisita Waliggo, tuyite ku ye okulaba Mwami Paul Muwanga, Vice President. Twava ewa Mwami Kikonyogo nga tukkiriziganyizza nti, enkeera yali

wa kugezaako okukola entegeka alabe oba tuyinza okulaba Mwami Muwanga, era ng'ájja kuntegeeza mangu.

Mwami Emmanuel Lule, mulirwana wange e Mugongo, yajja okutulabako. Mwami Lule yali munyikaavu nnyo olw'ebyo ebyatugwako era musajja wattu mu buyinike obw'ekitalo yava mu mpale ze bbiri n'ekkooti, n'abimpa. Ebigambo eby'okwebaza byannema ne nkaaba. Ssimanyi obanga omusomi oyinza okufumiitiriza ekyankabya! Omutima gwange gwebaza nnyo Mwami Lule olw'ekikolwa ekyo. Era ku olwo bwe twakomawo eka, twasanga ng'Omuko Besweri Kasirye, andetedde essaati bbiri, n'ettayi bbiri, Mutabani Ssenyonjo naye yava mu kkooti ye eya 'twide', n'agimpa, amagumba g'obukadde galeme kuyitira bweru. Waliwo n'abantu bano abampa amasaati nabo be nneebaza ennyo: Omwami Experto Kyeyune, Omwami Sseguya, owa Popular African Traders, eyampa essaati bbiri, Omwami Daudi Kasaali-Munawa, Omuzukkulu Robert Kasumba, Mukoddomi wange ow'e makerere, eyampa suuti ennamba, n'essaati, n'ettaayi, Omulangira Wampamba, leero naamenya ki, naaleka ki? Nagenda okwesanga ng'amassaati gennina! Ne nneebaza Katonda eyawa abantu abo bonna omwoyo gw'okwagala era n'okugaba. Twalya ekyeggulo kyaffe, ne tusabako nga bulijjo, ne tulyoka tugenda okwebaka.

(4 MARCH 1982)

Natandika okweraliikirira ennyo, nga ssiwuliza n'akatono ku bantu bange ab'omu maka gange, be nnali simanyi gye bali, era nga tewali mawulire gonna gantuukako ate nga simanyi nti, nabo gye baali yonna baali beraliikirivu ku lwange olw'obutamanya gyendi era oba nga ndi mulamu. Bwe twamala okusabako ku makya, nnasala wo ŋŋendeko e Kampala, n'abakozi nga ndowooza nti, oba olyawo nnyinza okufunayo ku mawulire. Kyankolako bulungi kubanga ku olwo nnasobola okulaba ku baana bange abamu abasomera ku Kibuga, n'Entebbe, newaakubadde bo ekiseera kyonna kye nnamala nabo baali mu maziga olw'okumanya obuzibu bwe twalimu era nabo obwali buboolekedde. Era nnasobola okulaba Mutabani Kanakulya, akolera mu Post Office e Kampala, eyali avudde e Kawolongojjo ku olwo; newaakubadde teyalina mawulire gafa ku bantu bange butereevu, naye era nnassa ku kikkowe bwe yaŋŋamba nti, ttannawulira mawulire mabi nnyo, ate nga Kawolongojjo tekiri wala nnyo n'ekyalo ky'ewaffe. Nnamusaba agezeeko okunoonyereza

obanga ayinza okuwuliza ku b'ewaffe. Twadda eka akawungeezi, era akawungeezi ako, Omwami Experto Kyeyune, yatuleeterayo akasawo k'obuwunga bwa kasooli. Twasanga Omwami Kikonyogo akoze entegeka tugende enkeera tulabe Vice President, Omwami Paul Muwanga. Twasula bulindaala nga nkuba.

OMUYIGGO GWA MUWANGA

(5 MARCH 1982)

Nnabukeereza nkokola ne nneetegeka okulinda Omwami Kikonyogo, naye teyali mubi mba nnakamala okwetegeka ng'agobye bumale. Twagendera mu emu ku loole ze, ng'evugwa Mwami Lwanga, twagendera ddala butereevu ku Ofiisi ya Vice President, e Nakasero, edda enju eyabanga President's Lodge, okumpi n'Ekkanisa ya All Saints Cathedral. Twasanga abantu abali awo abalinze okulaba Ow'ekitiibwa nga bassuffu, era twasangawo emmotoka ya Land Rover ng'eriko abasajja bataano, nga babagalamizza kuli ng'emiteteme. Twategeezebwa nti, baali 'Bayekera'. nze natya okusemberera emmotoka okubalaba, naye abaabalaba baagamba nti, Kye bali babakoze, entungo ggobe, era mbu kwaliko n'omusirikale wa polisi.

Twategeera akawungeezi nti, Abasajja abo baatwalibwa oluuyi lw'e Kasenge mu Kinawa ne bakubirwa eyo amasasi, era emirambo gyabwe ne girekebwa nga gigudde awo magalabanjo! Ffe twabeera awo ne tulinda oluwalo lwaffe okulaba omunene. Oluvannyumako twategeezebwa nti, ''Ow'ekitiibwa yali agenda era tajja kulaba bantu balala''. Kyokka bwe yali afuluma yayitira awo we twali tutudde, n'ayita Kojja we Omwami Kikonyogo, n'amubuuza ogubadde. Bwe yamutegeeza nga bw'ayagala okumulaba olw'ensonga zange ye kwe kuddamu nti, ''Yali agenda mangu, nti, mpozzi tukomewo enkeera nga 6 March. Kikonyogo y'amugamba nti, ''Nga enkeera lwa Mukaaga, onooberawo ssebo?''. Kko Mwami Muwanga nti, ''Ffe, tukola buli lunaku era enkya nja kubaawo nnyo wano'', Ekyo kyawulikika bulungi! Twavaayo nga tukottoka.

Oluvannyumako, nasisinkana ne Mutabani Erukana Ssegane. Yantegeeza nti, ku olwo baakera nnyo, ye ne Minisita Waliggo, ne bagenda balaba Vice President, Omwami Muwanga, ku nsonga zange; nti naye talina kya magezi kye yabagamba, okuggyako okwewuunya nti, ''Ate ebyo byazze bitya, nze nga ssirina kye mmanyi, abasirikale an: y'abalagidde okugenda eyo?'' Olwo mbu n'alyoka abasuubiza nti, ''Kale kanjije mbuulirize, nnaabategeeza!'' Ssimanyi oba nakati akyabuuliriza! Olunaku olwo, era nagendako mu Land Office ne ndaba Minista wa Lands, Water and Natural Resources, Mwami Max Chaudlry, ne munnyonnyola byonna ebyantuukako. Yalabika ng'anyoleddwa ennyo, naye ssimanyi oba kwali kulaga bulazi

ng'annumiriddwako, oba ddala kyatuuka ku mutima gwe; yagezaako okukubira Minisita wa Stafe owa Defence era ey'agamba nti, yandyagaddè okundaba ku Lwokubiri nga 9 March. Eyo navaayo bwe ntyo.

Ku lunaku olwo, era lwe nnaasooka okufuna ku mawulire agakwata ku bamu ku bantu bange. Nnategeera nga Muganda wange Rev. D. Kayondo, abamagye baamukuba nnyo era ne banyaga n'ebintu bye byonna nti, naye yasobola okugenda ng'ayita ebbalibbali mu byalo n'atuuka e Mityana ku Bulabirizi, era gye yali n'abo mu maka ge. Era ku olwo, lwe nnategeera nti, abaana b'essomero ly'e Kyankowe ab'ekisulo bonna baayoolebwa ne bayiibwa e Mityana mu Kibuga, nti era omuntu ow'ekisa oluvannyuma yabaazika loogi ye ne basuzibwa omwo. Bannaffe abo, abakulembeze b'eggwanga bwe batyo bwe baakola abaana b'eggwanga lyabwe! Era nnategezebwa ng'ebintu by'abaana b'essomero bingi, engoye, emifaliso, amabenseni, n'ebirala, bwe byabagyibwako ab'amagye, ne babyetwalira! nga tewali afaayo ebyo byonna nga bikolebwa. Ssirina bwe nnyinza kunnyonnyola wano okunyolwa kwe nnafuna nga mpulidde amawulire gano agafa ku ssomero n'abaana engeri gye baayisibwamu. Abantu abammanyi obulungi, bamanyi bwe nnumirwa ennyo eby'okuyigirizibwa kw'abaana ate era nga bwe njagala ennyo essomero ly'e Kyankowe.

Ku lunaku olwo, era bwe naddayo e Mugongo, nnayongera okufuna amawulire amalala agatiisa, Mutabani wange Omwami Experto Kyeyune, bwe yajja ewange n'annamba nti, afunye amawulire okuva ku muntu omu nti, baali bannoonya bubi nnyo, nti era nnandisaze amagezi gonna ne nziruka. Nti omuntu omu yawulidde nga Minisita Samwiri Mugwisa anjogerako bubi nnyo. Neewuunya nnyo ebigambo bino era ne nsula bubi ddala. Mwami Mugwisa, nnali mumanyi bulungi, era ku lwange nga ssimulinaako nsonga yonna gye ndowooza eyaalimutuusizza okunkola bw'atyo. Omutwe gwange gwasula gulogootana n'ebirowoozo bingi ddala, era tebakulimbanga nti, ku olwo nnakombako ku mpeke y'otulo. Ate era ku lunnaku olwo, Katonda yankolerayo ekintu ekirala eky'ekitalo, Mutabani wange Ssenkonyo bwe yandeetera Passport yange. Nnasamalirira bwe yagiggya mu nsawo okugimpa. Neewuunya nnyo engeri gye y'asobola okugifuna. Yantegeeza nti, Ab'amagye passport baagisanga mu nju, (kubanga era mwe yasigala mu kabada yange ey'ekyama), nti, ne babba nga bayita nayo nga bagenda bagiraga abantu nga babategeeza

nti, "Omusajja ono mubi nnyo, era tumwetaaga, ssinga tumulabako eyamwalula essiridde". Mbu bbaabungeeta nayo bwe batyo okumala ekiseera, naye nno olwali olwo, ne bagyerabira mu mmotoka emu, omuzirakisa omu ate nga munywanyi wange mwe yagisanga, n'agipakulamu mangu, oluvannyuma n'agiwa Mutabani wange eyagintuusaako. Yagireetera mu kiseera we nnali ntandise okusoberwa era nga muli mpulira nti, ssinga ngirina nandibadde nnyinza okulowooza ku by'okwemulula nenva mu Uganda eyali erabika ng'endibiridde.

Ku Lwomukaaga nga 6 march, twakeera bukeezi ne Mwami Kikonyogo, tuddeyo ewa Vice President, nga bwe yali atugambye. Twatambulira bwereere. Omukulu teyalabikako, era mu office teyalinnyayo ku olwo. Twadda eka nga tunnyogoze, kyokka Mwami Kikonyogo n'annamba nti, yali ajja kumunoonya ku ssimu, tugende tumulabe olw'eggulo. Teyasobola kumufuna. Mutabani Kasaali n'omuzzukulu Kasumba, bajja okundabako akawungeezi, era omuzukulu Kasumba nandeeterayo essaati! Twanyumya nnyo, baddayo nga buwungedde nnyo.

(7 MARCH 1982)

Omwami Kikonyogo yabukeereza nkokola n'ajja n'annamba nti, "Tugende Entebbe, Vice President gy'asula, tetujja kulema kumulaba". Nnange nga mbissaamu ngatto, nga tweggyawo. Twatambula bulungi, okutemyá n'okuzibula nga tuli ku geeti ya Mukulu, awo nga bamala okutubuuza akana n'akataano kye twali twagala. Ensi eno nzibu, omusirikále twamutegeeza nga bwe twagala okulaba Omukulu, Vice President, naye yagaana okututegeeza nti, "Taliiyo". Wazira y'agenda mu maaso n'okutuggyako bye yali ayagala ne "identity' zaffe n'azitwala. Bwe yamala ekyo ng'atulagira kugenda kulinda mu kigango nga tudda omwo nga tutuula. Twali tulowooza nti, tunaaba tuli awo ne batuyita, nga busa. Okutuusa lwe baaleeta chaai ne tunywa nga tulowooza nti mpozzi Omukulu y'agabula! Ddaaki, ng'omuntu omu atugamba nti, Ow'ekitiibwa taliiyo, nti naye tulina okulinda okutuusa ng'Omukyala azze, gwe tujja okulaba.! Tuba tuli awo nga teriri busa, ng'Omukyala Nnalongo agobye, twasituka okutuusa ng'amaze okutuula naffe ne tulyooka tutuula. Mukazi w'abandi, y'atwaniriza bulungi era n'atwetondera okulwawo nti, abaddeko obuzibu era n'atugamba nti, n'okwebaka tebeebase bulungi kuba waliwo emmundu ez'avuze ekiro ne basula bubi nnyo nga bagamba nti ate lubadde?

Awo era we nnawulirira ab'amukulisa nti, "Nyabo ate mukulike olwa luli Omwami lwe baali bamutta!" Nze nno, nga njasaamiridde bwasaamirizi, buli eyayogeranga, nga gwe nkyukira. Ddala, ddala kituufu 'Abayeekera' Mwami Muwanga baali bamumiza omusu? Ekyo nnali nkiwuliddeko nti, baamusanga Najjanankumbi, naye nnali sikkiriza, wazira luno nakikkiriza ggwe anti Nnalongo bwe baamukulisanga naye yaddangamu nti "Mwebale kutusabira". Nze ssaalina we ntandikira kumukulisa, nanyikira kutunula butunuzi na kwewuunya.

Omukyala yatutegeeza nti Omukulu yali taliiwo nti, alowooza ali Kampala, yali yagenda jjo Jinja, gye baavudde nga buyise. Nnakitegeera luvannyuma ng'Omukulu mbu takyasula mu kifo kumu! Kale nno, okugamba nti, on'omusanga waka era n'omusangawo oba okubye kalulu. Nga tunyumizzaamu ekimala twasiibula ne tudda e Mugongo, wazira mwami Kikonyogo bwe yali ansiibula y'agamba nti, "Tujja kukeera bukeezi, era tunoonye Omukulu Muwanga." Kata mugambe nti, tubiveeko, naye nenyamba nti, katutwaale omukisa ogusembayo. Olunaku olwo nasubwa abagenyi bangi abaali bazze okundabako n'okunsaasira.

Muwala wange Ruth ne bba Lukyamuzi baayitirako awo era ne bagenda balaba ne ku Katabani kange akaali e Buddo Junior School. Nnasanyuka bwe banyamba nti, "Kaali bulungi". Nga bulijjo, twalya ekyeggulo kyaffe ne tusabako ne twebaka.

TUGASIMBAGANA NE MUWANGA

(8 MARCH 1982)

Ku bbalaza nga 8 March, 1982, twabukeereza nkokola ne munnange Kikonyogo, ne twolekera olusozi Nakasero eri offiisi ya Vice President, era Minisita w'Amagye. Tetwalinda bbanga ddene ne tuyitibwa okuyingira awalindirwa abagenyi era n'awo tetwalwawo nnyo, twanonebwa Omwami omu, n'atuyingiza Omukulu gye yali mu offiisi. Offiisi yali nnene bulungi, era ng'erimu buli kintu kye wandisuubidde okusanga mu offiisi y'Omukulu nga oyo. Mpozzi ekintu kye ssaalaba mu offiisi eyo ate nga nnandisuubidde nti, kikulu nnyo, ye maapu ya Uganda! Nnandirowoozezza nti, omuntu ng'oyo, eyettisse obuvunaanyizibwa bw'eggwanga lyonna, ate nga y'avunaanyizibwa ne ku magye galyo, yandibadde ne maapu y'eggwanga, ate era nga maapu eyo yandibadde eraga bulungi enkambi zonna

ez'amagye gye ziri, era n'engeri gye gaba gavudde mu kitundu ekimu okulaga awalala. Maapu ssagiraba — mpozzi nga yali mu kifo kirala.

Bwe twayingira Omukulu yali akkalidde bulungi mu ntebe y'Obukulu bwe. Yatwaniriza, mpozzi ekituufu kyandibadde nti, munnange yamwaniriza kubanga yagamba nti, "Kojja nsanyuse okukulaba, e Mugongo wali watya? Anti mpulira nti, abasajja naawe eyo bakunoonya! Mutuule". Bw'atyo bwe yamaliriza, naffe ne tutuula. Twatuulira ddala ku ntebe ezaali ziriraanye emmeeza ye. Ng'amaze okutubuuza, yabuuza ekyali kituleese era munnange Kikonyogo nanyanjulayo era n'amunnyonnyola ensonga zange.

Ebyaddirira byali bwe biti:—

Muwanga: *"Ebigambo by'oyo, Mutabani we yali wano n'abintegeeza (yali ategeeza Minisita Waliggo), naye nze ssaabitegeera bulungi: Byali bitya?"*

Mulondo: *"Ssebo, ab'amagye baalumba amaka gange nga 26 February, 1982, ne banyaga ebintu byange byonna, era nange nnawonera watono, ate era ssebo, bakyali mu maka gange mwe baateeka enkambi."*

Muwanga: *"Ebyo nga ssibitegeera, byajja bitya?"*

Mulondo: *"Ssebo, naffe twabalabira awo, naye balabika gna baava Mubende."*

Muwanga: *"D.C. amanyi? Ye wamutegeeza yagamba ki?"*

Mulondo: *"A.D.C., Mwami Sserwanga nnasobola okumutegeeza naye ssebo y'agamba nti, naye ebintu bya musobedde, teyategedde basajja ngeri gye bazze mu maka gange".*

Muwanga: *"Ebyo nze ssibitegeera, ate oba D.C. ye Ssentebe w'Akakiiko k'Ebyokwerinda mu District ye, alemwa atya okutegeera nga ab'amagye bajja mu kitundu kye okukolamu ebikwekweeto? Waliwo omuntu akuwalana ayinza okukuleetera omutawana guno?*

Ekibuuzo ekyo ekisembayo kya nnewuunyisa nnyo! N'omukulu w'Amagye amanyi nti, "Abasajja be omuntu ayinza okubeyambisa ne bakola ebya mbyoone ku bantu?" Kitalo! Nga mmaze okwefumiitiriza, nnamuddamu nti, "Ssebo, simmanyiyo muntu ampalana asobola okuntuusa ku kintu nga kino". Mu kiseera ekyo,

Mwami Henry Kayondo, mu Nnamateeka w'omu Kampala, yayanjulwa eri Omukulu nti azze, era Omukulu n'agamba nti, "Ajje". Kayondo yayingira. Kino kyayongera okunkola obulungi era n'okuŋŋumya, kubanga Kayondo twali tumanyiganye. Ye yali azze ku nsonga ze ndala,. ng'Omukulu amaze okumubuuza, Muwanga yankyukira nate n'aŋŋamba nti, "Bino þy'ewammwe Mityana, nze ssibimanyi, ka nkuyitire munno Mugwisa, ye w'ewammwe, yamanyi ebyeeyo!" Yamukubira essimu n'amusaba ajje, wazira teyamubuulira kye yali amuyitira. Muli natyaamu, nnatandika okulowooza lwaki ate Mugwisa yavunaanyizibwa ku by'amagye, sso ssi Minisita gwe kikwatako! Nnatandika okulowooza ku Mugwisa ng'omuntu; gye nnakoma okumulowooza gye nnakoma n'okumutya. Mugwisa yali omuntu gwe mmanyi obulungi okumala ebbanga, naye okuva lwe yadda ng'Omununuzi era n'alya n'obwa Minisita, yali afuuse muntu mulala nnyo, era abantu bangi nga bamwogerako ng'omuntu omuzibu ennyo! Bino byatandika okujja mu mutwe gwange:

Lumu, ng'ali mu International Conference Center, ng'ayogera eri abakulu ba UPC n'abaami, y'agamba nti "Abantu ababi abawagira Yusufu Lule mu District y'e Mubende, ye: Kalanzi, Mulondo, owa Lands Office, Bukenya ow'e Namutamba TTC ne John Nagenda". Ate waliwo Omwami Lwalanda, nga ye nnanyini Kampuni ya ba Ndeeba Transporters, yatuuka ng'anjazika ku tulakita okunnimira, mpozzi nga ka tulakita ako yakafuna mu makubo makyamu. Olwali olwo mbu nga Mugwisa akalaba awo ewange, ng'alagira kukakwata nange bantwalireko. Eyajja okukwata ka tulakita ako teyali wa polisi, wazira ye Mwami Kizito, oli gwe nabategeezezza agambibwa nti yattibwa 'Abayeekera'. Nze bwe nadda ne ntegeezebwa, nagenda butereevu eri Lwalanda eyanjazika ka tulakita, era ne muwayo ku polisi — aba polisi banneebaza era ne bagamba nti, "ebibyo biwedde, wegendere". Nnalowooza nti bikomye awo, kkozzi nneerimba. Era waliwo ebigambo ebyantegeezebwa Omukulu w'Essomero lya Bukomero Secondary School, bwe twali mu Lukiiko lw'essomero eryo, yagamba mbu, Mugwisa yamukanulira amaaso n'amubuuza ekyamulondesa Mulondo ne Bbosa ku Lukiiko lw'essomero eryo, ate nga amanyi bulungi nti bawagizi ba D.P. Omukulu w'Essomero ono, yali mupya era nga n'abantu nga Mulondo ne Bbosa, mu buntu yali tabamanyi, naye amannya gabwe gaamuweebwa abantu abaali balumirwa essomero eryo ng'era bamanyi nti, abantu abo bajja kusobola okwefiiriza ebiseera byabwe bajje mu nkiiko. Mbu Mugwisa yamubuuza nti, "Ffe kyewava totulonda kiki? Ye, twandisobodde, era walaba nga tetusobola!" Waliwo era lumu abawagizi ba Mugwisa ab'olulango, bwe bateeka Bishop w'e Mityana ku nninga nti, ku nkiiko ze, yagaana okulonderako abantu abatuufu abalina obuwagizi mu Gavumenti, era nga olw'ensonga eyo yali ammye ne Bishop ettaka

edda eryaliko essamba ya Wamala Farm, newaakubadde nga Chairman wa Military Commission, yali akkiriza okuliwa Obulabirizi bw'e Mityana. Ate era nga nnali naakamala okuwulira nti, Omu ku Bakadde b'e Kkanisa e Mityana eyali akolagana ne ba Nnaddiini b'ebweeru nga batuweereza obuyambi okudduukirira Obulabirizi bwaffe, yali adduse nga mbu ba Mwami Mugwisa bagamba nti, ebintu by'aleeta mujjiramu eby'okulwanyisa, era nga baali bamuwenja buseenene.

Kale nno, ebigambo ebyo byonna, nga bimaze okwetawula mu mutwe gwange, olaba bulabi ng'okutya kwange tekwali kwa bwereere. Nga tukyali awo tulindirira Mugwisa, nnafuna akakisa okwogerako ne Mwami Kayondo, Omukulu bwe yali ali ku ssimu. Nagamba Kayondo nti, "Anti bano obalaba engeri gye bakwatamu ebintu; tolema kumpolereza bw'olaba nga waliwo akakisa."

MUGWISA AYOLEKA OBULABE BWE

Nga wayise ekiseera kya ddakiika nga abiri, Mugwisa yakonkona ku luggi era n'ayingira. Nnamulaba nga yeekanga bwe yandaba mu ofiisi ya Vice President, ate nnali ntuulidde ddala ku mmeeza kumpi naye.

Okutya okwamubikka amaaso nga yakayingira bwe kwamala okumwamukakao, kye yava aŋŋamba nti, 'Mulondo, ng'obulevu bukwengedde bulala!"

Kyali kituufu okuŋŋamba ekyo, kubanga obulevu bwange bwemba nga ssibumwedde bwonna buba bweru nga butukula be ttukuttuku; awo Mugwisa bwe yandaba, ddala obulevu bwali bunnyengedde, kubanga okuva nga 26.2.82, okutuusa ku olwo nga 8.3.82, akamweeno kaali tekayitanga mu birevu byange. Naye ndowooza nti, embeera gye nnalimu ebyo ssi bye byali ebigambo ebituufu okunnyaniriza. Nnali mu nnaku nnyingi nnyo, ng'omuntu yenna omutegeevu tasaana kunkudaalira bw'atyo.

Nnamuddamu nti, "Ssebo, bunnyengedde". Yatuulla era Omukulu bwe yamala okumubuuza ffenna twejjùlula ne tutuula ku ntebe eza wansi eza soofa. Nze nnatuulira ddala okuliraana Mugwisa era olw'okuba nga nnali ntegedde ku kufa kwa Mwami Kizito, ate nga era nnali mmanyi nga Kizito baali bakolagana nnyo ne Mugwisa, nnamusaasira nti "Ssebo, nga kitalo nnyo, okufiirwa Kizito".

Yanziramu nga n'okwagala tayagala, "He replied very reluctantly), nti, "Eee, onsaasira muuki? Ndaba ebyo bye mwagala, baki abaamutta, ssi mmwe?" Awo we nnawulirira ng'okutya kweyongera

B. K. L. MULONDO

...Obulevu nga bukwengedde"

mu mubiri gwange. Mugwisa bw'atyo bw'alowooza? Ddala kituufu, omusajja ono ayinza okuba owa wansi bw'ati, nandowooza nze okuba omutemu? Ekyo kyali kituuza.

Vice President, yakyukira Mugwisa n'amugamba nti, "Nkuyise nga njagala onnyambeko ku nsonga za Mulondo oyo, ate wuuyo mulabika mumanyiganye, wewammwe".

Mugwisa ebigambo ebyo yali ng'atabiwulidde, yatandika okukyusakyusa empapula ze zeyali azze nnazo n'okusoma amawulire, yayita omuwala Omuwandiisi wa Vice President, n'amugamba amuweeyo ebbaasa; nga bw'otunla amangu, oyinza okulowooza nti, Mugwisa ye Vice President, ngo Omwami Muwanga, Mubeezi we (Assistant).

Oluvannyumako, Mwami Muwanga yeekakaba n'agamba Mugwisa nti, "Nze nnakuyise, nga njagala tulabe ensonga za Musajja Mukulu ono, ebyo by'okola sooka obireke, onoobikola edda." Mugwisa y'addamu nti, "Nze ebintu bya bano tebinkwatako. Batta ne muganda wange, ate n'abe Kereziya ne bagaana okumuziika, nze ndi munyiivu nnyo. Kati bakatta baganda bange babiri, bandekedde obwana bwonna buli awo, nnina ebizibu bingi nnyo! Kaakati ggwe Mulondo ewuwo baasanzeeyo emmundu bbiri, baasanzeeyo n'eddagala lingi, mmwe mwamala okufuna ensimbi ennyingi ku Amin temukyalina muntu gwe mulaba."

Nnali ngezaako okumwanukula kyokka Mwami Kayondo, eyali antudde okumpi, n'ankomako ngira muleka yetentegule. Neewunya nnyo ebigambo bino kubanga Mugwisa okwogera ebyo byonna tewaaliwo n'omu eyasooka okumunnyonnyola ensonga ezinfaako,ekyalaga nti, ye yali azimanyi bulungi era ng'amanyi n'ensibuko yaazo naye nga Minista gwe kikwatako owa Defence ye yali talina ky'amanyi! Nnalowooza nti, " Ani yali afuga ab'amagye? Ani yali abalagidde okujja okunyaga amaka gange oba era n'okujjawo obulamu bwange? Ani yali abalagidde okunyaga ekyalo ky'ewaffe n'ebyalo byonna ebiriraanyewo? Ani y'alina obuvunaanyizibwa ku b'amagye, okunyaga n'okwonoona amasomero? Ani yali abalagidde okuggalawo essomero ly'e Kyankowe n'okuyoola obwana bw'ekisulo okubusuula mu tawuni e Mityana nga tebuliiko alabirira?". Nga nkyala mu kulowooza okwo, Mugwisa yankyukira n'ambuuza nti, "Lwaki, wadduka? Wandibaddewo". Ko nze, "Banzite ssebo? Eee, omusajja yali bw'atyo, nga anjagaliza kufa? Kitalo! Olwo yakyukira Vice President, n'amugamba nti, "Wama ssebo, Mulondo ono, yagula

ne tulakita enzibe!. Bwe yatuuka ku ekyo, okusirika kwonna Mwami Kayondo kwe yali annamba ne nkuvaako nnatandika okumwanukula:

"Ssebo, Mwami Mugwisa, ssimanyi lwaki oyagala okunsiiga enziro. Tulakita okimanyi bulungi nti, yali enjazikiddwa era bwe nnamanya ng'eriko emitawaana, omusajja eyaginjazika, nnamukwata ne mutwala ku polisi, ate ekyo kireeta kitya ab'amagye ewange okunnyaga? emmundu z'oyogerako nze ssizimanyi. Ewange waaliyo emmundu emu yokka, 'Shot Gun',ekubba enyonyi, era emmundu eyo, mbadde nayo okumala emyaka egissukka abiri, ya lisensi, era abantu bangi bagimanyi, ne D.C. agimanyi. Ewange tebangayo mmundu ya kubiri, mpozzi nga be mwasindika okunziba be bajja nayo".

Okutya kwali kutandise okunvaamu nga kusikiddwa obusungu. Nnasunguwala nnyo, ne njagala okukaaba. Nnayongera okumutegeeza nti, " eddagala ly'oyogerako naawe okimanyi bulungi nga tulina essomero lye nkulira, era ng'essomero eryo lya kisulo ate ng'abaana abasulamu bato, tulina nurse akola ku baana abo, twandisobodde tutya okukuuma abaana abo nga tetulina bujjanjabi? Era eddagala lirina kya kukola ki n'okunsindikira ab'amagye?".

Mugwisa talina kigambo kyonna kye yaddamu okuwakanya okunnyonnyola kwange. Naye nategeera luvannyuma nti, "ye, n'abawagizi be, baategeeza abantu nti, emmundu ezaali mu nju yange zaali zitendeka 'Bayekera , nti era eddagala lye lyali libajjanjaba". Olaba abantu! Basanga n'ebigimusa by'ebikajjo mu sitoowa yange ne bagamba abantu nti, "Eyo mmere ya "Bayekera". Ekintu kimu Mugwisa kyataayogerako nti, baakisanga mu nju yange, ze nsimbi ennyingi ezaali mu seefu y'Ekibiina kyaffe eky'e Kyankowe Growers Co-operative Society Limited ezaali ez'okusasula Abalimi, olw'e-mmwanyi zaabwe.

Seefu baagimenya, ensimbi zonna ezaali zisoba mu mitwalo ekikumi mw'ekinaana ne bayotta nazo. Ezo Mwami Mugwisa tazoogerako!

Nga wayise akaseera, Mugwisa y'atandika nate bw'ati: "Mmwe, aba Church of Uganda, mwagenda ne muwandiika Abasiraamu ng'olutalo lw'okugoba Amin lukwajja, ne musibisa abasiramu, kati nnammwe ka mukirabe". Ssaalina kye nnyanukula ku nsonga eyo

kubanga nga ssiraba ekyo bwe kyekwanaganya na b'amagye kujja kunnyaga. Nze,ssibangako muntu alina buyinza bwonna mu Gavumenti kusiba oba kusibisa muntu. Baaleeta chaai eyatugabulwa Mwami Muwanga, naye nze nnanyweesa butaagaane.

Mwami Kayondo nga tunywa chaai, y'agamba Vice President nti, "Ssebo, Omwami Mulondo ono mmumanyidde ekiseera, naye nze ndowooza nga muntu mulungi era ebbanga lyonna abadde Mukozi wa Gavumenti, era nakati akyaweereeza, naye osanga ebintu ebimwogerwako ssi bituufu". Muwanga yalabika ng'ebigambo ebyo bimuyingidde era n'agamba nti, " Mulondo, ebbanga lyonna obadde Muweereza wa Gavumenti, buli Gavumenti ebadde ejja ng'oweereza ssiwo?" Kko nze, "Ssebo, kyekyo". Kko ye nti, "Kale olabye?". Naye tewaaliwo kigambo kyonna ekiraga obuvunanyizibwa, Mwami Muwanga kye yayogera.

Nga tuli awo tutongojjedde, Muwanga yakukunulayo ebbaluwa n'agikwanga Mugwisa nga bw'amugamba nti, "Laba mukwano gwo Ssebirumbi by'awandise". Tetwamanya biri mu bbaluwa, naye ffe abamu n'enviiri zaatuva ku mitwe bwe twawulira ebyava mu kamwa ka Mugwisa. Yakasuka eri ebbaluwa n'agamba nti, "Kano akasajja keetaaga kukuba bukubi masasi". Iii! Bannange! Bano be bakulembera Gavumenti? Batemu - bwe batyo? Omuntu amala gakubwa bw'atyo masasi? Natandika okulowooza nga ndi mu kifo kisobu, nga kyetaaga kwetegula mangu.

Mugwisa yayongera emboozi ye n'ebigambo bino. 'Mmwe, Abaganda, ssiraba nsonga yabawagiza D.P.! D.P.!., ssi Kibiina kya Baganda, era D.P. ye yavuluga eby'Obwakabaka bwa Buganda". N'ayogera n'ebirala bingi ate olwo bombi ne Muwanga ne babakira Cardinal Nsubuga nti, "Anti ebyabadde ku Radio ne T.V. mwabiwulidde". Ne boogera bingi, bye ssaagala kuwandiika wano.

Nnalemerwa ddala okubaako eky'amagezi kyenzigya mu kugenda kwange okulaba Vice President, mpozzi okuggyako okumanya abalabe bange gye baali basibuka. Nnalaba emboozi efuuse ya lutentezi ate nga ssirina kye nfunamu, kwe kubuuza Mwamu Mugwisa nti, "Ssebo, ffena tuli bantu bakulu abaagala emirembe mu maka gaffe ne mu nsi yaffe yonna, naye nze nga Mulondo, kiki ddala ky'oyagala nkole?" Nnamanya ng'ekibuuzo ekyo kijja kuba kizibu nnyo gy'ali kubanga nange nnamala kukifumiitirizaako nnyo.

Okusinziira mu bye yali ayogedde, namanya nga yali ayagala nze, nveeyo bulambalamba ŋŋambe nti, "Obanga biri bityo, nze nyingidde U.P.C." Naye nange okumubuuza bwe ntyo, nnali noonya ye y'aba aŋŋamba nti, "Okuwona byonna, yingira U.P.C."

Nnamulaba ng'asobeddwa, era kyamutwalira ebbanga okunziramu; oluvannyuma n'alyoka agamba nti, "Ggenda, olabirire bulamu bwo, nange ndabirire bwange, ffenna tusulirira kufa!" Oluvannyuma lw'ebigambo ebyo, nnalaba nga tekikyagasa kubeera mu kifo ekyo. Nze ne munnange Kikonyogo, twasituka okusiibula era Muwanga n'agamba nti, "Kale mugende, katubuulirize tulabe". Nze nnamanya nga tewali kigenda kubuulirizibwaamu, wazira "Okukuuma obulamu bwange", ng'Owekitiibwa Mugwisa bw'agambye.

Tuba tufuluma tuti, Omwami Mathias Ndugwa n'ayingira. Mu kiseera ekyo, yali akola mu Ministry ya Defence. Oluvannyuma ya ŋŋamba nti, olwayingira, Mugwisa n'amukwata ku mukono n'amugamba nti, mbuulira towaayira ate tobuguumirira — ddala kiki ky'omanyi ku Mulondo? Mbu yamuddamu n amugamba nti, "Mulondo mumanyi, naye ssirina kintu kyonna kibi kye mumanyiika". Kko ye nti, "naawe bw'ogambye, kale". Mbu n'amuta, n'agenda! Ebyo Mwami Ndugwa yabimbuulira luvannyuma.

Bwe twafuluma, nnalowooza nti, oba baategese dda ab'okunzijawo, naye tewaali mutawaana, ye munnange Omuzadde w'Omunene, yasiibulwa bulungi, nange ne ngoberera ne twejjawo. Nga tuli mu mmotoka tugenda, mwami Kikonyogo yeewuunya nnyo Mwami Mugwisa n'aŋŋamba nti, "Nze, nnali ssimulabanga! Bw'atyo bw'afaanana? Nga musajja wa mwooyo mubi!." nze saalina kya kuddamu kubanga ebirowoozo byange byali byonoonese.

Nneebaza nnyo Omwami Kikonyogo, olw'ebyo bye yakola okunsobozesa okulaba Mwami Muwanga. Yantambuza mu mmotoka ze emirundi egyo gyonna awatali kunsabayo wadde ssente ey'amafuta. Mwebaza nnyo ddala. Nzijukira olumu lwe twagendera mu mmotoka ye eya loole, n'agisimba awo okumala essaawa nga ssatu zonna nga tekoze mulimu gwonna eri ku byange. Omwooyo ogwo ogulumirwa abalala mulungi nnyo. Wazira kya nnaku munange Kikonyogo yafa nga tetuzzeeyo kulabagana nate, era ate we mpandiikira bino nga mpulidde nti ne munnange Mathias Ndugwa afudde! Katonda abawummuze n'emirembe.

"Nze, nnaduka awaka, nnayitira wa Ssenga Anna, ne tukka ffena ku ssomero, kyokka n'asigala awo ku kasiko okumpi n'eka anti nga tasobola kwanguwa. Nze, nnagenda ne nekweeka ku ssomero, nga mmanyi nti, ab'amagye bajja kugenda mmangu tudde eka waffe. Oluvannyuma nnadduka nenjenda emitala ewa Ssenga Nnandawula, ate eyo gye nnava ne nzirayo ku ssomero nga bambuulidde nti Ssenga Anna, ab'amagye bamusanze w'abadde yekweese ne bamuggyako ne bu ssente bw'abadde nabwo, nti, kati ali ku ssomero. Naddayo njende munoneyo. Mba nno ntuuka ku ssomero bwenti, abasomesa kwe kuntemyako nti, Nnekweeke mmangu, nti mbu ab'amagye baali banonya Omwami, n'abantu b'omu maka ge, nti ebifaananyi byabwe baali babifunye. Natya nnyo nnennefubitika ekisulo ky'abaana ne mbeera omwo okutuusa akawungeezi. Ng'obudde bugolooba, nnateesa okuva mu kisulo omwo, njende emitala ewa Nnandawula, olwo Senga Anna nga nsazeewo mmuleke, kuba nnali ssikyayinza kugenda naye. Nakwata kawala kaffe ka Nnandawula, akaali kasoma awo mu Primary VII, ne tufuluma ekisulo.

Twagenda n'abakyala abalala nga bo bakozi awo ku ssomero, nabo abaali batidde nga bateesezza okudduka. Twatambulira ddala bulungi okutuuka mu kiwonvu ekyawula essomero. Tuba nno tutandise okulinnyalinnya emitala, gye twakuba amaaso nga ku kibinja ky'abasirikale kino! Kyali kiva gye twali tulaga, nga kijja eno gye tuli. Olwabalabako ffenna twaduma budumi. Abakyala bannange be twali nabo ssaamanya kkubo lye baakwata. Wazira nze, ne muwala waffe, twadda ku ludda olwa kkono nga njagala tusalinkirize era tugende gye twali tulaga ewa Ssenga Nnandawula. Ate eyo, gye twagwira ku b'amagye babiri nga bava ku ssomero. Baatujunga mu Luswairi nti, "Simama". Bwe twayimirira ne bambuuza nti, "Odduka ki?" Ko nze nti, "Mbadde ngoba kaana kano ku kazaayo eri ku ssomero." Ko bo nti, "Obeera wa?. Ko nze nti, "Ndi Matron ku ssomero awo". Omu yali akutte kawala kaffe ku mukono nga bw'akagamba nti, "Muzuli saana". Nga ndi mu kutya okungi bwe kutyo, omujaasi kwe kunjamba nti, "Aya, kwenda". Ate ng'olwo tuddayo ku ssomero. Nnali ssikyayinza kuvaayo. Banzigalira mu kisulo ky'abaana era olw'okutya okulabibwa ng'ate bwe bagamba nti batunoonya, neebakira ddala mu kitanda wansi, abaana ne baala bulangiti ne zibunduka eruuyi n'eruuyi. Nnabeerera ddala bwe ntyo mu kitanda wansi okumala ennaku bbiri, nga ssirya, ssinywa kintu kyonna. Nnawulira obulamu nga bunzigwaamu, era Ssenga Anna yankaabira amaziga ne gajula okumuggwa mu kiwanga, nga buli kiseera agamba nti, "Nze

Ku olwo nga nvudde ewa Muwanga, nagenda okulaba ku mukwano gwange era muganda wange bwe tufaananya amannya, Omwami Ezekial Mulondo. Yali amaze okuwulira ku bizibu byange, n'olwekyo bwe yandaba, mu kifo ky'okusanyuka, twakaaba bukaabi. Ssiyinza kwerabira ekisa n'okwagala bye yandaga era n'okusaasira kwe gyendi, n'abantu bange bonna.

Nga nvudde ewa Vice President, nnalowooza nti, kituufu okumuwandiikira nga nnyongera okumutegeeza ebyo bye twali twogedde naye, era bwe ntyo ne muwandiikira nga munnyonnyola ebintu byonna nga bwe byantuukako. Ebbaluwa nga ssinnaba kugiweerezaayo, nnasooka okugiragako Minista Waliggo, eyagisomamu nayjjamba nti, "Nnungi", nnange kwe kumusaba y'aba agituusizaayo; ekyo ye Mwami Waliggo yakikola, naye kwali kufuyira Ndiga mulele! Tewaali kanyego. (Ebbaluwa eyo gisange ku nkomerero, mu Kawaayiro "Appendix "C").

(9 MARCH 1982)

Nga 9 March, 1982, nnatandika okuwuliza ku bantu bange. Amawulire gantuuka nti, Omu ku bantu bange, Omukyala Proscovia Jesker Nnambassa, yali asobodde okuva e Mityana era nga ali e Nkumba, Entebbe. Nnamutumya ajje enkeera, nnyongere okumanya n'abalala bwe bali. Ku olwo era ne Mwanyinaze Rebecca Nnandawula, yatuuka ku Kibuga alabe oba nga nnatuuka, era oba nga ndi bulungi. Ye, yali ava Butambala, gye yali addukidde. Twalabagana era n'addayo ku olwo.

(10 MARCH 1982)

Nga 10 March, nnalabaganako ne mukwano gwange James Kaggwa eyawulira n'okunyolwa obuzibu bwange, era n'andaga obusaasizi bungi. Twasisinkana era ne munnange John Kintu Ssaalongo, naye eyali anyagiddwa, era nga n'enju ye eyokeddwa. Twamala akaseera nga twewuunaganya ku buzibu obwali bututuseeko.

Ku olwo era Omukyala Proscovia Jesker Nnambassa, yava Entebbe, n'ajja nga bwe nnali mutumizza. Yansanga mu ofiisi ya Mutabani Ssenyonjo, mu kifo ky'okulamusaganya, ffembi twadda mu maziga kukaaba. Ekyali kitutuuseeko kyali kigambo kikulu ng'obusungu n'ennaku tebiyinza kulekayo maziga. Oluvannyuma twatereera, era ne tukulisiganya ebizibu bye twali tuyiseemu. Oluvannyuma, yannyumiza bw'ati ebyamutuukako.

nnakuleetedde emitawaana. Kale ssinga bwe wasoose okudduka tewakomyeewo!'' Buli kiseera ab'amagye bajjanga okulaba abaana, n'abakozi, balabe nga bonna webali. Abaana bwe baalabanga nga bajja, ne banŋamba nti, ''Baabo bajja'', ne ŋjula okufa, olwo bo abaana ne batuula ku kitanda kye nnali neebaseemu wansi.

''Nnalabira mu kisulo omwo ennaku gye ssigenda kwerabira!'' Yannyumiza ng'ebyo nga bw'akaaba amaziga. Bwe yasiriikiriramu, kwe kumubuuza nti, ''Ate wasobola otya okuva mu ssomero n'okudduka?'' Ko ye nti, ''Ate nkusumululira nga ggwe osuna? Tuba tuli mu m'beera eyo, ku lunaku olw'Okubiri olw'eggulo, ng'abasirikale balar girira nti, ''Abaana bonna, n'abasomesa, n'abakozi b'essomero, bonna beetegeke mmangu emmotoka zijja okubatwala e Mityana, bave wano kubanga mbu awo ku ssomero wagenda kufuuka ddwaniro''. Nnawulira okutya okutagambika. Olwo nga nnali ŋŋenda kuyita wa? Ab'aamagye baali banoonya, ebifaananyi baali babirina nga bammanyi! Olwo nnali ŋŋenda kubeera ntya? Nnayita akaana kaffe nenkalaamira: Mwana wange Nnandawula, ndowooza nze nfudde, ssiraba magezi gonna ganamponya, banno obandabiranga, Taatawo bw'obanga omulabye ggwe olimutegeeza, era omundabiranga. Omwana nagenda okulaba ng'akaaba, Ssenga Anna nga naye akaaba, nga nnange gampitamu nga tubeera awo nga tusoberwa. Tuba nno tukyali tutyo, Omukyala Kyagulanyi, Deputy w'Omukulu w'Essomero, kwe kujja nankukunulayo mu kitanda gye nnali, nanyambaza oluteeteeyi lwe oluwanvu ennyo, ne ndusibako ekimyu, n'ansiba ogutambaala ku mutwe n'aŋŋamba nti, ''Ggwe, tandika okusiba emifaliso gy'abaana, obeerere ddala ng'omu ku bakozi baffe, era ab'amagye bwe bajja, ggwe tobatunuulira, beera ku mulimu gwokka.''

Nga nnange ntandika kusiba mifaliso gy'abaana, naye nga ssi nze nsiba, wazira ekiwuduwudu. Ddaaki, nga batuduumira nti, Emmotoka zizze, tutwale ebintu. Nze neetikka omufaliso, ne gumbikkira ddala n'amaaso, nga ndaba wano wokka wenninya. Nnali ndowooza nti, nja kuyingira n'omufaliso mu mmotoka, naye bwe twatuuka mu luggya, nga batulagira nti, ''Emigugu musooke mugiteeke awo, gyo gijja kugendera ku loole, tennaba kujja'' Nga tuuteeka migugu wansi nga naffe tutuula awo mu luggya. Nze nnatuula mu mabega g'omukyala omu, era ne ntunuulira ddala wansi nga ssaagala mujaasi kuntunula mu maaso. Loole bwe yajja nga batugamba kusomba bintu kubiteekako. Nze ng'olwo n'amagulu gankankana. era ssibeerangako mu kiseera kizibu mu bulamu bwange

nga kino. Twamalira ebintu ku loole naffe ne tulinnya baasi. Ebintu by'abaana bingi ab'amagye baatugaana okubipakira ku mmotoka, era ebisinga byasigala ku ssomero, kyenkakasa nti ab'amagye baabi-twala. Mu baasi nze natuula wakati mu bantu, olwo nenzirira abaana babiri nembalera ku mubiri basobole okunsiikiriza amaaso. Nnatuuka ku njju yaffe, ne nkubayo eriiso limu ne njula okukuba omulanga, naye nneŋŋuma obutalaga ensisi eyankwata.

Twatuuka mu tawuni e Mityana,emmotoka zaayitamu buyisi okuyimirira nga ziri ku polisi,kko nze, nti, obwange bukomye. Abaali bazivuga nga beccanga nti. "Kati bano abaana tubatwala wa?". Okutuusa omukulu bwe yagamba nti, "Mubatwale ku ofiisi ya U.P.C.". Bwe twatuuka ku ofiisi ya U.P.C., ab'amagye bonna abaali mu basi ne bavaamu okugenda ku ofiisi,awo Mukyala Kyagulanyi we yaŋŋambira nti, "Ffuluma mmangu, kwata ettaala eno, ogende nayo; olaba edduuka eri? Ggwe, ettaala giwe omukyala oyo ali mu dduuka, odduke".

Nnafuluma mangu era mu dduuka nayitamu buyisi, ndowooza omukazi yandowooza kuba mulalu. Mutabani Mutebi twali naye mu mmotoka era twadduka ffenna; twagenda tuyita mu bukubo bw'ebbali okutuusa lwe twasanga Omwami Howard Semu Sseruga, eyatuyamba ennyo. Yatutwala eka, n'atuwa ku mazzi ne tunaabako, oluvannyuma n'atuwerekerako okutuuka ew'Omulabirizi.

Mukyala Mulabirizi yatujjanjaba nnyo ennaku ze twamala wo, era ye yampa n'olugoye luno lw'olaba anti nze nafulumira awo, nga ndi mu lugoye lusiibwamu. Nga tumazeewo ennaku, nze nnateesa okuvaawo, nsobole okujja eno ku Kibuga. Twatambula ne bannange abaali balaga e Bussujju, twayitira eyo okutuuka e Gomba. Omwami Ssekitoleko, yatuyamba nnyo, bwe yatujja e Busujju n'atutwalako mu mmotoka okutuuka e Kanoni, Gomba. Nze eyo gye nnasula, ate enkeera omukyala oyo we nnasula nannyamba okunfunira mmotoka eyantuusa e Kampala, n'oluvannyuma kwe kugenda Entebbe".

Omukyala oyo, Jeskar naye bw'atyo obuzibu obwatugwako e Kyankowe, bwe yabulaba. Nnange nnamuyumiza ebyange, ne yewunya.

(11 MARCH 1982)

Rev. Lubega, ow'e Kalule gye nnasooka okusula ku lunaku lwe naddukka okuva mu maka gange yajja mu ofiisi ya Mukoddomi wange Besweri Kasirye, e Kampala, okuleeta amawulire ag'essanyu agafa

ku Mukyala wange Joyce Bulya Mulondo. Nnange, eky'omukisa nnali nzizeeko e Kampala era ne nsangibwa awo ew'Omuko Kasirye. Rev. Lubega, yantegeeza nti, "Omukyala Mulondo azze naye mu gaali y'omuka, era ng'amutadde mu mmotoka emututte e Mukono, ewabwe gy'azaalibwa".

Olw'eggulo olwo, nnafuna emmotoka ya Mutabani wange Ssegane, ne tugenda ffena ne Rev. Lubega, e Mukono. Twasanga ali awo mukazi wattu! Ha! Ensi eno! Yali akozze nnyo Mukyala wange, nga yeraliikirira nga talya, nga talina ky'ayambala, ng'era omutunulako butunuzi n'oleka! Bino by'ebimu ku bye yasobola okunnyumiza:

"Bwe watuleka e Ssaala,ewa Rev. Ssemambo, twalowooza nti, tujja kubeera awo okutuusa lwe binatereera, kkozi twerimba. Tuba tugenda mu Kkanisa enkeera ku Ssande, nga ab'amagye bano! Nze ssaasoma, nasiiba mu nsiko. Ab'amagye bajja mu Kkanisa ne batiisatiisa abazze okusoma nga mbu banoonya ggwe. Mbu baabagamba nti Ekkanisa yiyo, n'olwekyo kye baava bajja mbu balabe oba ozze okusoma. Baamalawo ekiseera ne bagenda nga balagidde Reverand nti, Bw'amala okusomesa agende n'eri gye bali mu maka gaffe nabo abasomese. Olunaku olwo, nze nnasalawo na luggumuggumu, naye ng'omwooyo teguliimu. Enkeera abantu baatubuulira nti, "Abamagye baabo bajja". Nze nnadduka mangu ne nneyokya ensiko era eyo gye twasiiba n'abazzukulu baffe bonsatule ne Daudi, (Abazzukulu abo b'ayogerako be baana ba Mutabani waffe, gwe battira ku lutalo lw'Amin, ate Daudi, y'omu ku baana baffe abato).

Ab'amagye bwe baatuuka mu maka ga Reverand, ne batigomya oyo ne bakamala, ebintu bye byonna ne babitwala, era n'akagaali ke akapya nako ne bagenda nako era n'Omubuulizi, Mwami Ssemwambala naye ne bamukola kyekimu, naye eggaali ye ne bagitwala. Bwe twava ku nsiko twatambula butambuzi ne tugenda e Nnamalere, ewa Mwami Kisule, eyo twasulayo lumu nayo ne batulumba, n'awo awo ne tuvaawo, ne tugenda e Mawonvu, ewa Nnamwandu Mutesasira, atujjanjabye nnyo, era tubadde tukeera nkya ne tusiiba eyo ku nsiko, ng'awaka tukomawo kiro, kubanga ng'abamagye batambula wonna mu byalo emisana".

Bw'atyo munnange oyo, naye obuzibu bwe yabulaba. Ku olwo nasula Seeta, ewa Mutabani Ssegane, bwe nnadda enkeera nga 12 March 1982 Bantegeeza nga Muganda wange Rev. D. Kayondo bwe yazze eggulo era ng'ali Mugongo. Nnasanyuka nnyo, okumusisinkana

naddala okumanya ng'aliko bulungi, n'abo mu maka ge. Era yasobola n'okumpa amawulire agafa ku baana bange bonna. Muganda wange oyo Rev. Kayondo, amaka ge gali nga kitundu kya mailo okuva ęwange, ye anyumya bw'ati bye yalaba:

"Nga 26 February, nagolokoka ndi mugonvugonvu, mba ndi awo neegayaazizza nywa ku chaai, ng'abava ku luguudo bagamba nti, "Ab'amagye babalese bali kumpi okutuuka mu Kagavu". Tewaayita bbanga ddene, nga tulaba abantu batuyitako n'emigugu. Twatandika okutya naye ne tuteesa obutava waka. Oluvannyumako twafuna amawulire nti, "Amaka go, (ŋŋamba agange), bagazinze, era n'essomero, nti era ebintu byo byonna babisomba". Twali tetulina we tuyita kutuuka ku luguudo. Twabeera awo bwe tutyo, okutuusa obudde okuziba. Ekiro ekyo tetwakomba ku mpeke ya tulo, twasula tutidde nnyo! Nga bukedde, ab'amagye baatandika okusaasaana mu kyalo wonna; baasooka ne batuyitako awo ne bagenda ku ssamba yo ey'ebikąjjo, twalengera nga bamenya amayumba era oluvannyuma ne bavaayo nga bavuga loole yo era nga bapakiddeko ebintu! Tweyongera okutya era ne ŋŋamba Omukyala nti, mmwe muve wano awaka mukkirire wansi w'olusuku, gye muba mubeera, nze nsigalewo nzekka. Baba nno kyebąjje bakkirire, ng'abamagye bano tebatuuse? Abaasooka okųjja tebampisa bubi nnyo, baayingiranga mu ŋju ne bee-noonyezaamu bye baagala ne batwala, bwe batyo bwe baakola okumala ekiseera. Naye obudde buba bugenda, olwo ne wajja abakambwe bannamige, nze nnali nfulumyeko wabweeru, ŋŋenda okudda nga bali mu ŋju bawenja bintu. Bwe nababuuza, omu kubo yajja bulembwe ng'alinga gwe twayombye naye edda n'aŋŋamba nti "Mmwe, ab'e Namirembe ne Lubaga, mmwe mutendeka 'Abayeekera', era batugambye, nti ggwe oli Muganda w'oli owo ku luguudo. Mmwe abantu ababi". olwo nno tanankuba? Ansindise, anfulumizza ebweeru, ansambye, ankubye ekigala ky'emmundu, ngudde wansi era ne mpulira ng'afudde! Nnalwaawo wansi awo, naye bwe naddamu amaanyi, ne nsituka, ow'amagye kwe ku ŋŋamba nti, "Ajja kunkuba emmundu". Ko nze nti "Kuba". Kyokka olwo munne kwe kumugamba nti, "Muleke, tugende". Era nga bamaze okuku-ŋŋaanya bye baali baagala. Bwe baali bagenda, oyo eyankuba kwe kundagiriza nti, "Edda bwe tunakusangawo, onoolaba". Nnali nkubiddwa nnyo, nga nvaamu n'omusaayi, ng'eriiso lyange erimu terikyalaba. Nnakkirira eri bannange ne mbagamba nti, "Mugire tuve wano abasajja babadde banzise". N'eka tetwadda wayitira eyo mu kibira, tuutwo Kabalu ągi, bannange eyo gye nnabaleka, nze nnasula Lugo, ku Kkanisa ew'Omusumba.

Enkeera nnatambula era ne wabaawo n'owekisa eyannyambako ku kagaali ne ntuuka ku Bulabirizi e Namukozi, era ne bannage be nnaleka emabega oluvannyuma bannegattako. Eyo nno nakati gye tuli; ku kyalo ewaffe teyasigala muntu''.

Nawulira ebigambo ebyo n'obuyinike bungi nnyo! Kale Muganda wange musajja asula alwala enkya n'eggulo, Mubuulizi wa Njiri, kale baamulanga ki? Twabeera awo okumala ennaku nnya, nga twewuunaganya ng'ensi eno bwe'ri enzibu era nga twewunya oba nga ddala abagikulembera be balagira ebikolwa ebyo okukolebwa ku bantu babwe be bakulembera. Nannyonnyola Muganda wange ebizibu byonna ebyantuukako era ne munnyonnyola bwe nnasobola okulaba Mwami Muwanga ne Minista Mugwisa ne bye nnalabayo. Bwe yabiwulira yajjula okutya era ne yeewuunya nnyo abantu!

Nga 16 March Muganda wange Rev Kayondo yandeka ku Kibuga naddayo e Mityana ku Bulabirizi, gye yali abeera. Nnafuna amawulire nti, Awo okumpi n'ewange e Mugongo, waliwo mwannyina wa Mugwisa mbu era yali yeewuunyizza okundaba, nze ssaamulaba era nga n'okumumanya ssimumanyi, naye mbu ye nga ammanyi. Natandika okutya ekyalo ekyo, nga ndowooza nti ssi kulwa ng'omukazi oyo abuulira mwannyina nga bwe nsula awo! Naye kale nga lwaaki omuntu yanditidde muntu munne sso nga ensi eno ngazi nnyo. Ngazi nnyo, naye nze olwo yatandika okunfundirira.

Nnatandika okuwuuzuumira mu Kampala, ne nsula wano lumu, wali bbiri.Ne nkogga ne nzigwaawo! Ssinga abo abaali banoonya obulamu bwange, baali bandabyeeko mu kiseera ekyo ne balaba bwe nfaanana, banditegeeredde ddala nti, ''Omusajja tumumaze amaanyi''. Nnali mpulidde n'obuyinike nti, ''Mukwano gwange Yusufu Ssekitoleko, ne Mukasa Balamaga, ne O/c Police Mityana, wamu n'abantu abalala bangi mu Mityana, nti baayoolebwayoolebwa Ow'ekitibwa Mugwisa lwe yakuba olukunnaana e Mityana, ne batwalibwa mu nkambi y'amagye e Mubende, nga bali eyo gye bapoocera!''. Naye oba nga ddala abantu abo baalina omusango gwe bazza era Minista Mugwisa n'alagira okubakwata era nga bwe kirabika nga ye yalagira, kale lwaki, okubatwala e Mubende mu nkambi y'amagye? Ebyo nga ne ba Mugwisa baabivumiriranga ku mulembe gw'Amin, ate nabo bye bakola, kitalo! Kale nno nnali nga nkyawuuzuuma bwe ntyo, ne ngwa ku Muganda wange Daudi Wampamba; bwe tubyoogeramu, n'annamba nti, ''Ogira ojjako ewaffe ate osuleko eyo tulabe''.

Nnasituka ne ŋŋenda ew'Omulangira Wampamba, e Kanyanya, ne ngira nsulako eyo era oluvannyuma yanfunira enju, ne ndeeta n'abamu ku bantu bange ne tubeera awo. Ku olwo era nga 18 March,lwe nnalaba ku Mukulu w'Essomero ly'e Kyankowe. Bye yambuulira nga bikaabya amaziga. Musajja wattu bamwetikka n'abamu ku basomesa n'obwana bwonna obw'essomero, ne babayiwa mu tawuni e Mityana, nga tebafaayo wa gye bagenda kusula n'obwana obwo. Oluvannyuma Omwami ow'ekisa ennyo, Mwami Ssennoma yava mu loogi ye yonna, n'agibaazika awatali kusasula kwonna. Omwami Ssennoma, yeebazibwa nnyo olw'omwoyo ogwo omulungi. Omwoyo ogwandibadde gulagibwa abakulembeze b'eggwanga bennyini naye gwe batasobola kulaga ne bamala gayiwa abaana b'eggwanga mu tawuni nga tebafuddeeyo ku bigenda kuddirira! Twakkikiriziganya n'Omukulu w'Essomero nti, Yanditadde ekirango ku radio, abazadde bamanye obuzibu bw'alimu era banone abaana babwe. Omukulu w'Essomero oyo, Mwami John Mabinda naye yebazibwa nnyo olw'okufuba kwe yafuba okukuuma abaana b'eggwanga mu kissera ekyo ekizibu.

(23 MARCH 1982)

Bwe nnali nkyatawuka ng'embuyaga z'ensi zinziza eri, gye nnagwira ku mukwano gwange owedda. Omuyindi mu Nnamateeka, Raj Trean, nga tunyumizzaamu ekiseera era nga mubuulidde ku bizibu byange yampa amagezi ŋŋende tukole ffena mu offisi ye gye yali yakaggulawo mu Kampala. Nnange nnalowooza ng'ekyo kiyinza okunnyamba nemba nga ndiko wentudde nga bwe nninda ndabe ng'ensi etereera nsobole okudda ewaffe.

(24 MARCH 1982)

Nnabukeereza nkokola nga nessa mu ofiisi ya Trean nga nkakkalabya mirimu; Trean yasanyuka nnyo kubanga bye nnali nkolako nnali mbimanyi bulungi, era nga ndabika nja kuba wa mugaso gy'ali. Wazira nga kumpi buli lunaku, nfuna okulabulwa okuva eri abantu abansanganga mu Kampala nti Basajja ba Mwami Mugwisa baali bannoonya! Nnali ŋŋenda nguma nga n'ebyokundabula mbiggyako omwoyo, ate ekikangabwa ekiralal ne kingwako.

ENJU YANGE EBENGEYA

(8 APRIL 1982)

Nnali ntambulako awo okumpi ddala we nnali nkorera kwe kugwa ku A.D.C. w'e Mityana, Omwami Sserwanga. Yayimirira n'ava mu mmotoka n'ąjja we nnali. Kata nziruke, naye oluvannyuma neŋŋuma; nagenda mpola we yali ayimiridde, yanziza wabbali nansaasira byonna ebyantuukako era naŋŋamba nti, "Munnange ebintu byannemerera nga ssirina kya kukola. Ka tusabe Katonda yekka, naye ogira wekweeka ebintu tebinatereera. Eky'omukisa enju yo ekyaliwo are era oba olyaawo abasąjja ne bavaawo olwa leero, ekyo tukikolako nnyo."

Nnamwebaza byonna by'akozeeko, yakka endyanga naggyamu ejjamba n'alimpa. ne tusibuulagana, n'agenda. Ku olwo nadda eka nga nsanyuseemu.

(9 APRIL 1982)

Yali Good Friday, nnakeera neŋŋenda nsomako mu Kkanisa e Kanyanya. Bwe nadda, nnayagala okugendako e Kampala, ndabe oba nga n'ayinza okufuna ku mawulire agava ewaffe. Nasooka kuyitirako ewa mukwano gwange omu, ńaye bwe ŋŋenda okutuuka ku paaka y'obummotoka we nasanga omulenzi wange Bosco Kiwanuka, era ye olwandaba yajja adduka nga bw'ayita nti, "Taata Mulondo". Nakebuka ne mulaba. Ye olwalaba nga mulabye n'atulika n'akaaba. Nnali ssimulabangako nga kasooka bino byonna bibaawo. Ye yali omugoba wa loolel yange. Yasembera mpola we nnali n'amubuuza era tetwanyumya bingi n'aŋŋamba nti, "Ate ssebo, kitalo nnyo, n'enju baagyokezza yonna n'essirikka!"

Nnamutemyako ne tudda wabbali awaali ekisiikiirize. Namubuuza nti "Ebyo ate byazze bitya? A.D.C., Mwami Sserwanga, y'aŋŋambye eggulo nti, ab'amagye babadde bagenda kuva mu nju" Ko ye nti, "Kwo okuvaamu babadde bavuddemu ku ssaawa nga ttano eza jjo enkya, naye ate olw'eggulo ne badda ne bagikuba 'Grenedi' yonna n'ebeengeya, era ne we tuviiriddeyo ng'ekyayaka yonna akasolya kaguddemu tewakyali nju". Nnasoberwa, amagezi ganzigwaamu; nnatunuulira ensi, ne ndaba ng'ekomye. Nanoonya ensonga ekozesa kino, n'embula. Ani ddala alina omutima ogw'ekko bwe guti antuusizza ku kino? Nnasoberwa n'ekyokwogera ne kimbula. Kiwanuka

yayongera okuntegeeza nti, Yasobodde okutuuka ku nju n'alaba bw'ebengeya, era nga yalaba ne mmotoka yange eya Benz nga yonna bagisumulula emipiira gyonna ne bagitwala, n'emitto, n'ebyuma ebirala okuva mu yingini. Era yalaba ne loole yange nga yonna baagitomezza ate era ne bagisumulula yonna emipiira gyonna era ne 'body', ne bagitemaatema ne bagifumbisa! Era n'aŋŋamba nti, "awaka battirawo abantu ne babaziika awo emmanju!" Byonna Kiwanuka bye yambuulira nga biva ku kutiisa ne byennyamiza. Nadda gye nnasulanga nga nsobeddwa. Bannange nabannyonnyola bye mpulidde nabo ne baggwaamu amaanyi. Ensi yantama era obulamu bwange bwonna ne ndaba nga ssi kantu. Nnali ssikyalina kintu kyonna mu nsi, ssikyalina nnyumba, abantu bange bonna basaasaanye, abaana bange abamu ssisobola kubatuukirira kubalabako, kale olwo nga ndi kuki? Katonda wa kisa nnyo kubanga bwe twamala okusabako ekiro ekyo, nnawulirako ku buweerero. Twalowooza ku bigambo ebyo ebiri mu Kitabo kya Yobu, Essula emu, Olunyiriri olw'abiri mw'olumu: "Nava mu lubuto lwa Mmange nga ndi mwereere, era ndiddayo nga ndi mwereere: Mukama ye yawa, era Mukama y'aggyeewo; erinnya lya Mukama lyebazibwe". Naffe bwe tutyo, twagamba nti, "Erinnya lya Mukama lyebazibwe, kasita tukyalina obulamu mu mibiri gyaffe".

Naye ddala nga abantu abo baagenderera ki? Waliwo ebigambo bye tusoma mu Kitabo kya Isaaya, Essuula emu, n'Olunyiriri olw'omusanvu: ob'olyawo nga kati ebigambo ebyo biri ku ffe nga bwe byali ku baana ba Isirayiri mu kiseera ekyo. Naye kale ddala lwaki, bookya amayu gaffe?

Kale ka bokye enju yange
gye nnazimba mu buzibu
Obuzibu ddala obungi butyo
Naye ddala kiki ekyayokesa
Enju yange ddala kiki?

Omwana bwe yambuulira
Nalwawo ddala okukkiriza
Nga nnoonya ensonga
Ensonga ddala entuufu
Eyokesa enju n'ebirimu.

Kale ka bookye enju yange
Naye eyalagira ani ddala?

Muwanga ggwe walagira?
D.C. ye yalagira?
Bw'oba Mugwisa ggwe walagira
Wekube mu kifuba naawe olabe
kale waleka enju, eyiyo
Noogenda mu Buwanjnanguse.

Omubi ennyo Amin
Oyo bonna gwe baayimba obutemu
Teyayokya nju yo ssebo
Nakati bw'oyita e Mityana
Yo enju eyiyo ng'ekyaliwo.

Kale ddala kiki ekyayokesa
Enju yange ddala kiki?
Kale ka bokye enju yange
Naye eyalagira amanye
Ng'Omutonzi teyeerabira.

Nze bwe ndituuka okukka e magombe
Nga nkaaba olw'enju
Enju ddala etazimbika
Kyo bannange kyali ki?
Buggya, oh! Bannange buggya.

Abaana bange tebaliiko kunnaniro
Omulambo gwange tegulibaako bugalamiriro
Enjanda zange ziri mukubungeeta
Ssiriiko akubagiza, ssiriiko busaasiro
Oh! Kale ka bokye enju yange.

Nkaaba olw'enju yange
Nkaaba olw'abaana bange
Amaziga ndikka nago emagombe
Katonda abatunuulire
Abalamule abatemu abo.

OMWANA WANGE BAAMUYOOLERA MU "PANDA GGALI"

(10 APRIL 1982)

Ekiro ekyakeesa olw'omukaaga nga 10 April, kyali kizibu nnyo; kubanga ng'ebirowoozo byange mmaze okubigattako obuyinike

bw'enju yange, ate mu matumbi g'olunaku olwo ne tuzuukusibwa emmundu ezaavuga okwetoloola emitala gyonna egyetoolodde ekyalo ekyo Kanyanya, kwe twali tusula.

Emmundu zaavuga okuva essaawa nga munaana ez'ekiro, okukeeseza ddala obudde, era tebakulimbanga nti, waliwo ku byalo ebyo eyakomba ku mpeke y'otulo. Ng'obudde bukedde emmundu zaayongerera ddala okuvuga era ne tulaba abantu bwe babonaabona okukamala. Abantu badduka okuva e Kawempe, Makerere, Kasubi, Wandegeya, Kyebando, leero mmenye ki, ndeke ki? Bano basitudde obwana, obugugu, bussefuliya, obwana obuto nga butambula bugwa, obulalal nga buli bwereere. Bano badduka badda eno, abalala badda eri! Ha, abantu ba Katonda baabonaabona, era nga ddala kiraga nga mu kiseera ekyo tewali mufuzi yenna eyali alumirwa bulamu bwa bantu.

Kino kyanzijjukiza ebigambo by'Owekitiibwa Mugwisa bye yagamba nti, Bbo bali ku kulabirira bulamu bwabwe, nnange ndabirire obwange. Oba nno ntya?

Kyali kya mukisa nti, ffe we twali ab'amagye tebaatuukawo, naye essaawa bwe zaawera nga enya ez'enkya, twatandika okweraliikirira kubanga omu ku Batabani baffe Joseph Ssuna, eyali asomera e Makerere, yali atusuubizza nti, ajja kukeera awo we twali e Kanyanya. Twakanda kulinda nga tetumulaba, ate nga batubuulidde nti, ekikwekweeto ekyo kyabadde kya kunyaga bintu era n'okuyoola abavubuka abalenzi nga balowoozebwa okuba 'Abayeekera'', nti era bonna abayooleddwa batwaliddwa e Nsambya! Ekyo kye kyali kimanyiddwa nga ''panda Ggaali'', mu biseera ebyo.

Twabeera awo mu kutya okwo era n'ekyemisana kyatulema okulya. Obudde nga bugolooba nga Ssuna lw'atuuka, emmeeme zaffe ne ziryooka ziwanukayo gye zaali zewanise. Naye nno okweraliikirira kwaffe tekwali kwa bwereere. Ssuna y'omu ku bantu enkumu be baayoola ku lunaku olwo era n'atwalibwa mu kisaawe e Nsambya, gye yabonaabonera ne banne be yali nabo okukamala. Awo okututuukako nga kye bajje bamuyimbule nga yejjeredde ssi 'Muyekeera'. Naye omwana yatunyumiza engeri gye baasimbibwa ennyiriri ne bagenda nga batambula okutuuka awali abantu abaatekebwawo okulondamu abo mbu be baali nabo mu nsiko, nga bakola 'Obuyeekera!'

Baamalanga galonda bwe batyo eyakwatibwanga omukisa omubi, ng'obubwe bukomye, era Mutabani yali mu kutya kwa kitalo nnyo, naddala bwe yalaba engeri gye baayisangamu abo abaabanga balondeddwaamu. Katonda yamusaasira n'awonayo naye we yatuukira awo we twali nga era okutya kukyamulimu, anti yatunyumiza nga ng'awawamuka. Twebaza Katonda eyamuwonya ekibabu ekyo.

NZIRUKA MU UGANDA

Nga tuli mu buyinike n'okukungubaga okungi bwe kutyo, twatuuka okuteesa era n'okusalawo ekintu ekizibu ennyo mu bulamu bwange, era mu bulamu bwaffe ffenna ng'abeŋju yange. Nnali ssikyalina mirembe mu bulamu bwange, nnali ssikyasobola kwebaka, nnali ssikyasobola kugenda ku mulimu okukola ewa munnange Trean. Buli mmotoka eyayimiriranga nga yakampitako, nga ndowooza nti, "banoonya nze!". Omutima gwatandika okunneewuuba, emmeeme nga entyemuka buli kiseera, abantu abaŋjagala buli gwe nnasanganga, nga kimu kyokka ky'aŋŋamba nti, "Okola ki kuno?". Newaakubadde nnali mmaze ekiseera kino nga mbonaabona, mu mbeera ne mu birowoozo, naye nnali ssirowoozangako ku kya kuva mu Uganda.

Waliwo mukwano gwange omu eyansanga nga 25.3.82, nga nva mu Land Office, mu Lukiiko Olugaba Ettaka, ne yeewuunya nnyo, n'aŋŋamba nti, "Osobola otya okuba ng'okyayinza okukola?". Nange nnamuddamu ne mmugamba nti, "Anti nze ndi muna Uganda mutuufu, era nze ssiyinza kulekayo kukolera Gavumenti era ssigenda kuva wano!". Naye kati ebigambo ebyo byonna nnali ssikyayinza kubinyererako. Twateesa, ng'eno bwe tukaaba amaziga, ekigambo ekizibu eky'okuva mu Uganda. Mu buzibu obungi twakkaanya nti, "Awali obulamu we wali essuubi, n'olwekyo nnandivudde mmangu mu Uganda!". Obanga ndaga wa? ŋŋenda kukolayo ki? Naalya ki? Kumalayo bbanga ki? Ebibuuzo ebyo byonna n'ebirala bingi byajja mu kuteesa kwaffe era nga biruma nnyo. Omu ku Batabani bange y'agamba nti, "Taata, genda e Kenya, Katonda ajja kubeera naawe, era ye ajja kukufunira eky'okukola".

Twasalawo ffena nti, Ngira ŋŋenda e Kenya, eyo Katonda gy'alindagira ate eky'okukola. Olugero lwaffe lutuukiirire nti, "*Atannafa Teyevuma Ggwanga*". Ha, naye okuva mu nsi yo kiruma.

Nnatandika okunoonya amagezi mwempita okuva mu Uganda. Nnatandika okutya nti, ob'olyaawo baatega dda ekitimba ku nsalo. Nnasooka ne nteesa okugendera mu nnyonnyi, ate ebyo ne mbisazaamu si kulwa nga bampambira ku kisaawe Entebbe.

Nnateesa ne Mutabani wange Sseggane ku ngeri gye nnyinza okuva mu Uganda nga mpitira e Busia. Yaleeta ekirowoozo nti, waliwo omuwala gwe yali amanyi obulungi e Busia, era nga yandisobodde okunnyamba ssinga tugenda naye. Ekyo kyanzijukiza mmangu

ekirooto kye nnaloota eyo nga mu mwaka 1975, bwe nnaloota ng'omukyala omu annyamba okudduka mu Uganda ng'ampisa ku nsozi ng'agenda andaga obukubo! Nnalowooza nnyo ku nsonga eno ne ŋŋamba nti, iii, Katonda yandaga kino ng'ebula emyaka musanvu kibeewo! Waaliwo Mutabani wange omu eyali ateesezza okuntwala mu mmotoka, ansomose, naye bakamaabe ne bamutuma okugenda awalala, era nkakasa nga Katonda ye yakikola ng'ayagala ekirooto ekyo kye yandaga edda kituukirire.

Entegeka zamalirizibwa nga wakusitula ku makya nga 20.4.82. Nnali mmaze okufuna olupapula olunzikiriza okuva mu Uganda, ng'omuntu omu alunfunidde mu ngeri ye. Ekiro ekyakeesa olunaku olwo olwa 20 April, twasula bubi nnyo nga buli omu ali mu maziga. Abantu bange, n'abaana bange be nnali nabo awo we twali tusula nga maziga gokka. Twasaba Katonda atugumye, era atukuume ffenna mu kwawukana okwo era atusobozese okulabagana amangu ng'atereezezza eggwanga lyaffe, era Katonda atuwe abakulembeze abayinza okukolerera okuleeta emirembe mu nsi yaffe, era nga bassa ekitiibwa mu bulamu bw'abantu be bakulembera, n'ebintu byabwe. Twasaba nnyo, ne twegayirira Omutonzi. Twalina ennaku nnyingi ku myoyo gyaffe, era bwe tutyo twasula n'emitima emizito. Ddaaki, obudde bwakya. Nga tumaze okusabako, n'okunywa ku chai eyajula okutulema, nnakwata akasawo omwali obuntu bwange, essaati nnya, empale emu, ekkooti emu, n'ekkanzu, bannange ne bamperekereko okuntuusa awaali emmotoka eyantuusa e Kampala.

Nnasanga omukyala eyali ow'okunnyamba okusomoka ensalo nga yanninze dda. Twakkirira mpola ku paaka y'obummotoka nga ne Mutabani Ssegane atuwerekerako; twasangawo mmotoka egenda e Busia emu kyokka ng'essigaddemu ekifo kimu, eyo n'etuleka. twasalawo okulinnya ey'e Jinja, twasiibula munaffe ne twejjawo. Nnawulira ennaku ey'ekitalo nga nva mu Kampala, era nnalabira awo ng'amaziga gakulukuta. Nnafuba okukisa obubalagavu bwange abantu abaali mu mmotoka baleme okubulaba naye nga muli njula okufa ekiniga.

Twatuuka bulungi e Jinja era twasangawo mmotoka eyali ettika abagenda e Busia, ffe bwe twayingira baayongera mu omulala omu n'ejjula. Tweggyawo era ne tugenda bulungi okutuuka e busia. Twagenda ku nju emu munnange we yalowooza okusanga omwami omu gwe yali ayagala okusaba atuyambe okutusomosa,tetwamusangawo. Yatuma ew'omwami omulala era gwe yali amanyi nga naye taliiyo!.

Oluvannyuma yaguma n'annamba nti, "Tugenda, Katonda ajja kutuyisaawo". Nkakasa nga kino kyali bwe kiti ekirooto kiri

Katonda kye yandaga edda kiryooke kituukirire. Twapangisa ab'obugaali basobole okutujja takisi we zikoma okututuusa awali kasitomu, tuba twakatuula tuti ku bugaali, aba polisi ne batuyimiriza, baabuuzaako nze nzekka gye nnali ndaga, kko nze, nti "Kenya". Bansaba ebbaluwa enzikiriza okugenda ne ngibalaga, ko bo nti, "Kale genda".

Twadda ku bugaali bwaffe ne twejjawo. Waliwo nga mailo emu. Bwe twatuuka ku kasitomu, nasooka kutyamu, naye oluvannyuma ne nnuma, kko nze, nti nazze, ssikyalina kya kukola. Nagenda aba polisi we baali, baatankuulatankuula obuntu bwange, naye temuli nnyo kye baalaba, okuggyako mwalimu ebbaluwa Muganda wange Rev. Kayondo, gye yali ampandiikidde, omulenzi omu n'atandika okugisoma. Natya kuba nnali ssikyajjukira byagirimu, era nemmugamba nti, waddembe okugisoma ekintu kyonna! Nnamuleka n'asoma, oluvannyuma n'agiziriza nga bw'agamba nti, "Nga temuli kikulu!". Ko nze nti, "Anti yange". Yasangamu era n'ebbaluwa yange gye nnali nfunye okuva mu Lands Office, ne yewuunya okulaba nga nnatandika okukola nga tanazaalibwa! Ko nze, nti, tolaba nga ndi Kitaawo mulamba? Oluvanyuma yanziriza ebintu byange n'annamba nnende mu ofiisi banteeremu sitampu mu bbaluwa yange. Nassa ekikkowe era n'endaba ne munnange eyamperekera nga naye akamwenyumwenyu kamuli ku matama. Sso nno mu bbaasa eyo mwalimu ebbaluwa (copy) gye nnali mpandiikidde Ow'ekitibwa Muwanga. Katonda yayamba teyagiraba, naye oba ssinga yagiraba byandibadde bitya! Nga bamaze okututeeramu sitampu, twayita mangu mu lukomera olwawula Uganda ne Kenya era twagendera ddala ffena okutuuka ku kasitumu y'e Kenya. Wo tewaaliwo mutawaana gwonna, baatusaba lupapula lwokka nga bakubamu sitampu nga twejjawo. Twali tugenda awali bbaasi za Akamba ne Karim owa takisi kwe kutwesibako n'annamba nti, "Ajja ku tutwala mangu, ate ku bbeeyi nnungi". Munnange yampa mangu amagezi nti, "Linnya takisi, otere otuuke". Nnaange nga nnenda na wa takisi, omugugu bagunzigyeeko, nsasudde Shs. 150/-, lisiti enzise ensawo nga nno tutandika kulindako. Twategeezebwa nti, "Emmotoka ejja kusitula essaawa nga munaana". Kwe kugamba munnange nti, tumale okunoonya kuka sooda tunyweko, ye alyoke addeyo eri e Uganda. Twagenda ku maduuka awo ne tunywa ku sooda eccupa ng'eri ku Shs. 1/40! Kyali kyewuunyo nnyo nga ogigeraageranyizza ne ye Uganda, eyali ku Shs. 150/-, mu kiseera ekyo! Nga tumaze ka sooda n'okulya kakeeke, twaddayo awali mmotoka ne tusiibulagana ne munnange. Nnamuleka n'atambula nga ssitunudde gy'alaga, kubanga! Nagenda okutunulayo ng'aggwereddeyo ssi kyamulaba ne'mpulira ekiwuubaalo! Kyokka ne ŋŋuma.

Nadda mu mmotoka n'entuula; twalimu abantu bangiko. Era oluvannyuma twesanga nga tulimu banauganda abawera; nga tulindidde ebbanga wąjjawo omuvubuka eyali ammanyi obulungi, yambuuza bulungi ddala era nansaasira byonna ebyali bintuuseeko.

Oluvannyuma wajjawo n'omwami gwe nnamanya nga ye Ssalongo, oyo nno twanyumya nnyo bulungi. E Busia twalwawo nnyo, abasąjja olwamala nga okutusoloozaako ensimbi nga beebuzaabuza nga badda eno nga badda eri, kkozi kakodyo kabwe balinda basaabaze okutuusa ng'emmotoka ejjudde. Twava e Busia ku ssawa kkumi n'emu, abaali basuubira okuvaayo ku munaana. Nze nno amameeme nga gatandise okunkuba kubanga ssimanyi gye ŋŋenda kusula ssinga tutuuka ekiro ennyo. Abantu be nnali ndowooza okugira nga bansuza nnali ssimanyi gye bali nga nsuubira kubakubira ssimu balyoke bandagirire gye bali nsobole okugendayo.

Emmtoka yatutambuza bulungi. Eldoret twatúukayo essaawa nga nnya ez'ekiro era wetwalya ekyeggulo. Twayongera mu maaso, twayita mu National Park ne tulaba ku nsolo ezaali nga zisala ekkubo, bannage abamu mu mmotoka beebaka, naye nze ssaakomba ku mpeke ya tulo wadde okubongoota. Esaawa ziba ziri eyo mu musanvu ez'ekiro, era nga tugenda tusemberera Nairobi, omuvubuka oli eyali ammanyi kwe kumbuuza nti, ''Kirabika e Nairobi tujja kutuuka essaawa nga munaana, naye ggwe ogenda kusala wa?''. Namuddamu nti, ''Ssimanyi!''. Ye nno kye yava aŋŋamba nti, Ajja kunnoonyeza loogi, nsule omwo okutuusa enkya lwe nnaanoonya abamanyi.

Wewaawo nasanyuka, naye bussente nnalina butono nnyo, ng'okubusasulako loogi ey'essaawa ennya zokka kiruma okukamala, naye olw'okuba ng'ensi gye nnali ŋŋendamu nnali Muwaŋŋanguse, nnamala gakkiriza okusula mu loogi ggwe ate nga nnandisigadde mu mmotoka? Okusooka ne bannanyini mmotoka olulimi lwe baali boogera nga tetutegeeragana.

Twatuuka e Nairobi essaawa munaana n'eddakiiki kkumi na ttaano ez'ekiro, era omuvubuka ono nanyamba nnyo bwe yasaba bannannyini mmotoka bamale okuntuusa awali loogi gye yantwala okusula. Yamalira ddala kuntuusa era n'aleka nga bannyingizza, n'alyooka addayo ku mmotoka ne bagenda. Nnasasula Omukuumi wa loogi shilling nkaaga, n'andaga ekisenge kyange.

Nnayingira ekisenge ne nnesibiramu ne nfukamira okusabako! Ensi yonna yali yeetoloola mu mutwe gwange; nnali nsigadde bw'omu

ddala, nga ssirina muntu yenna wa kwogera naye, era nga ssimanyi kiseera ki embeera eyo kyegenda okumala. Nneebaka mu kitanda mu ngoye zange nga bwe nnali nzambadde, nalwawo nnyo okufuna otulo, naye oluvannyuma neebaka olw'obukoowo bwe nnalimu.

Nazuukuka essaawa nga bbiri ez'enkya, ne nnaaba mu maasa ne nkwata omugugu gwange, ne nfuluma loogi ne nekatta mu nguudo za Nairobi. We nnasula n'okutuusa kati ssijjukirawo! Nagezaako okunoonyawo nga wayise ekiseera naye wambula.

Olunaku olwa 21.4.82, lwe lumu ku nnaku ezankaluubirira ennyo. Nnatambula mu nguudo za Nairobi nga ssimanyidde ddala gye ndaga! Nga ntambudde nkooye, nnasalawo okugenda ku Posta Ofiisi, nkube essimu nga nnina abantu babiri be nnali ndowooza okukubira essimu. Bwe natuuka ku Posta Ofiisi, nanoonya awakubirwa essimu nga ssirabawo; ebyo ne mbivaako, ne ŋŋenda awantu we nnali mmanyi ng'omwami omu munaŋganda atera okujjawo; nnalinda omwami oyo, ssaamulabako.

Oluvanyuuma, naddira shillings abiri ne nziwa owa takisi, n'antwala ku Hotel emu mukwano gwange omu eyali ajja okuva mu Uganda ku lunaku olwo we yali antegeezezza nti, bw'anajja wanaasula. Nabeera awo ne nninda omwami oyo nga tatuuka. Enjala n'eruma nze n'ekamala bumazi! Bwe nalaba ng'obudde buwungeera ate nga n'omwami oyo tatuuka, kye nava mbuuza akola ku by'abagenyi mu Hotel eyo, ye kwe kukantema nti, Omwami oyo kituufu yasaba okusula mu Hotel eyo, nti naye ebifo byali bibaweddeko era bw'anajja bajja kumuweereza mu hotel ndala gy'aba asula.

Ate awo ebintu ne binsobera buto! Ye omwami oyo yali ansubizizza okugira ng'annyambako ku kusula nga bwe noonya we naasobola okubeera. Ate nga bwe nnatuuka ku Hotel eno, nagezaako okukubira abantu bali ababiri be nnali nnina essimu zabwe, naye omu teyaliiyo, ate gwe nayogera naye yagaana okundangrira gy'asula, omulala ye yali ali mu kuwummula, nga gy'asula b'akola nabo tebamanyiiyo!

Nalowooza eky'okukola ne kimbula,ssaalina nsimbi zisobola kusasulira Hotel na kulya. Kyokka oluvannyuma nabuuza omukyala akola ku by'abasuze, andagirire Hotel gy'asuubira okusuza mukwano gwange oli gwe nnali nninda, yandagirira era ne musaba ankubireyo essimu tumanye obanga wafunikawo n'ekisenge ekirala; ekisenge

kyaliyo, era ne ntambula ne ŋŋenda mu Hotel eyo ne bampa ekisenge. Enjala yali ennuma nnyo kubanga olunaku lwonna nnalumala nga ssiridde, Kye nava mmala gaddira bussente bwe nnalina ne nsaba eky'eggulo era nasaba emmere ne bagimpeera mu kisenge, nalya emmere yonna ne ngibuusaawo ne nsigala nga ssikkuse. Neebaka era olw'obukoowu bwe nnalina mu mubiri ne mu birowoozo, otulo twajjira ddala nagenda okusisimuka nga bukedde.

Omwami mukwano gwange yatuuka mu Hotel omwo kiro nnyo, nze nga neebase dda, era ku makya nakuba essimu ne munoonya. Bwe nnawulira ku ddoboozi lye, kata essanyu linzite, era naye yasanyuka nnyo okumanya nga natuuka bulungi. Ku makya ago, twava mu Hotel eyo ne tugenda mu eri gye yali asoose okusaba era n'ansuza mu kisenge kye okumala ennaku bbiri ng'andiisa, ng'ankolera byonna ng'omwana omuto obutanjuza. Era teyakoma okwo naye ye awamu ne Mutabani we, ne bafuba nnyo okunoonya Muzzukulu wange Leo Kibuuka, gwe nnali noonya, nsobole okugira nga nsula ewuwe era oluvannyuma lw'okumunoonyeza enaku bbiri, twamuzuula. Kyali kye kubagizo kinene nnyo okuzuula omwana oyo, era we mpandiikira ebigambo bino nga nsinziira mu kasenge kange ke yampa okusulamu; ssimanyi bulamu bwange gye bugenda, ssimanyi bbangalye ŋŋenda kumala wano, ssimanyi kye ŋŋenda kukola, ssimanyi gye ŋŋenda kujja nsimbi za kulya, mu nsi eno eteri y'ewaffe, ssimanyi bantu bange bwe bagenda kubeera, ssimanyi oba abaana bange banaasoma, ssimanyi oba nga banaafuna kye balya, ssimanyi oba banaafuna eky'okwebikka, ssimanyi ddi lwe ndiddayo okulabagana n'abantu bange, ssimanyi, ssimanyi! Ssirina kyemmanyi nze Katonda yekka y'amanyi.

Ssirina bigambo bimala okwebaza ennyo mukwano gwange Omwami John Mugwanya ne Mutabani we Omwami Edward Katimbo-Mugwanya, olw'okutegana okungi kwe banteganira ennyo nga nnakatuuka mu Nairobi era n'obuyambi bwonna bwe bampa.

Nga ndi wano e Nairobi ne mpulira n'ennaku nnyingi nga ab'amagye g'Owekitibwa Paulo Muwanga babambuluddee enju z'amasomero g'e Kyankowe mbu nga A.D.C Mwami Sserwanga agazaako okutangira naye nga butereere. Ssi kitalo ekyo? Bajja kuzimba oba kumenya?

Nga ndi mu kiseera **ekizibu kino, Ekyobuwannanguse**, nateesa

okwegayiriranga Katonda wange olw'ensi yaffe Uganda n'okusingira ddala Buganda, era eno y'emu ku Ssaala zesaayosanga kusaba. Lumu Katonda agenda kuwulira okusaba kwaffe:

OKWEGAYIRIRA KATONDA OLWA BUGANDA

Ayi Katonda ayinza byonna tukwegayirira n'obuwombeefu okkirize okuwulira okusaba kwaffe. Katonda waffe tusabira n'obuwombeefu egwanga lyaffe erya Buganda n'abantu bo bonna be watonderamu. Tunuulira ayi Mukama olabe ensi yaffe ezise ebibuga byaffe byokeddwa omuliro ensi yaffe abatemu bagiriira mu maaso gaffe era ezise kubanga abatemu bagisudde. Abantu bo Abaganda bamalibwawo ayi Katonda. Tunuulira olabe emirambo gy'abaddu bo Bagiwaddeyo okuba emmere y'ennyonyi eza waggulu, emibiri gy'abantu bo eri ensolo z'oku nsi. Omusaayi gwabwe bagufuse nga amazzi okwetoloodde O Buganda bwonna, newataba muntu wa kubaziika. Tufuuse ekivume eri baliranwa baffe, okuduulirwa n'okusekarerwa eri abo abatwetoolodde. Ayi Mukama olituusa wa okussunguwala emirembe gyonna? Tukusaba nga tujjudde ennaku, obugya bwo bubuubuuke ng'omuliro, ofuke obusungu bwo ku batemu abo abatakumanyi era abatakowoola linnya lyo kubanga basse n'emmundu era n'ebitala abantu bo Abaganda be watonda, ne bazisa ensi yaffe, amasinzizo go gonna gafuuse matongo!

Tukwegayiridde ayi Mukama, totubalira obutali butuukirivu bwa ba Jjaja baffe. Okusaasira kwo okungi kwanguwe okutukulemberanga, kubanga tujeezebwa nnyo. Otuyambe ayi Katonda ow'obulokozi bwaffe, olw'ekitibwa ky'erinnya lyo. Abantu abo Abatemu ekiriba kiboogeza kiki nti, "Katonda waffe ali ludda wa?" Eggwanga ly'omusaayi gw'abantu bo Abaganda oguyiika limanyibwe mu batemu abo mu maaso gaffe. Okusinda kw'abo bonna abasibiddwa abali mu makomera kujje mu maaso go, ng'obuyinza bwo bwe buli obungi owonye abo abatekerwawo okufa. Oyanguwe mangu okununula eggwanga lyaffe Ayi Mukama era ggwe wennyini olwane n'abatemu abo olw'ekivume kye bakuvumye ggwe Ayi Mukama olw'abantu bo Abaganda. Naffe abantu bo be watonda era endiga z'ettale lyo tunakwebazanga ennaku zonna tunaayolesanga ettendo lyo okutuusa emirembe gyonna.

Jjukira, Ayi Katonda abatukuvu bo bonna abaafiirira erinnya lyo mu Buganda osaasire bazzukulu babwe abaliwo kaakano.

Ayi Katonda tuwulire, Ayi Mukama tusaasire. Erinnya lyo litenderezebwe emirembe n'emirembe

Amiina.

Awali Obulamu Wabaawo Okusuubira.

AKAWAAYIRO

(APPENDIX 'A')

Mu buzibu buno waliwo abantu bangi nnyo abannyambye era abayambye abantu bange, abo mbeebaza nnyo nnyini ddala, era nsaba Katonda abo abakyali abalamu abongereko emikisa gye era n'abo abaatuvaako abasaasire abasonyiwe ebirala ebitaatuuka abawummuze n'emirembe. Kizibu okumenya buli omu eyatuyamba, wazira ate era nkisanze nga bano basaana okwebazibwamu ak'ensusso era n'okulaga ammanya gabwe:

Rev. B. Lubega- Musoke	-Kabule parish
Omwami S. Lubega-Wagwa	-owa Wamala Union
Omwami Kamya	-Transport Officer, Wamala Union
Omwami Ssenyonjo	- driver-Wamala Union
Kojja Ssengendo Lwanyaga	
Omuko Bengo	
Omwami Batte	-o'we Ssaala
Ow'oluganda B.G.L Musanje	-(yaffa bambi muganda wange)
Omwami Emmanuel Ssempuwo	
Omwami Mayanja	-owa Senior Printers
Mutabani F. Ssenyonjo- Kyambadde	(akatabo kano we kafulumidde nga naye atemuddwa bambi)
Omuko Besweri B. Kasirye	
Omwami James Muyira- Kibirige	
Omwami Henry Kayondo	
Omwami Experto Kyeyune	
Mutabani Daudi Kasaali	
Omukyala Robina	
Omwami Sseguya	-owa Popular African Traders
Ow'oluganda Rev D.M. Kayondo	
Omukyala Nola Mukasa	
Bishop Yokana Mukasa	
Mutabani Kigozi	
Mutabani Erukana Sseggane	
Mutabani S. Ssenkonyo	
Omwami H. Kikonyogo	-yafa bambi (RIP)
Omwami Daudi Wampamba	

Omukyala Wampamba
Omuzukulu Margaret Nnamubiru
Omuko A. Kasujja
Muganda wange Ezekiel Mulondo ow'e Kyaliwajjala
Omwami James Kaggwa
Omwami James Mulwana
Omwami Mayanja -owa Buy & Save
Omwami Emmanuel Lule
Omukyala Lule
Omwami Mukiibi owa Barclays Bank
Omwami Kibuuka -owa Uhuru Hardware
Omwami Kamuli -owa Lands Office
Muganda wange D.G.K. Kawemba
Mukodomi G.A. Kalanzi
Omwami Kakebe owa Lands Office
Omwami George Lubega -Kabuwambo
Mutabani Joel Lukyamuzi-Kakooza
Omukyala Ruth Nassuna-Kakooza
Omwami Solomon Mpalanyi
Omwami Nsubuga-Kikoyo
Kojja Nyanzi -Bulemezi
Omuko J.W. Kiwanuka -Mukono
Rev. Dustan Bukenya -Mukono
Mukyala Phoebe Bukenya -Mukono
Omwami Edward Katimbo- Mugwanya
Omwami John Nagenda
Omwami Stephen Nagenda
Omwami John Mugwanya
Omuzukulu zlouise P.K. Nnalugwa
Muwala wange Joyce Namazzi -eya nnyamba ennyo mu buwannanguse
Rev. James Ssemakula
Omwami Cosmas Kimbugwe
Omwami Anthony J. Ratter -Action Aid-Kenya

C(C) 123

DEPARTMENT OF LANDS AND SURVEYS
P.O.Box 7061,
KAMPALA, UGANDA

15th April, 1982

TO WHOM IT MAY CONCERN

Mr. Besueri Kiwanuka Lusse Mulondo,

Mr. Mulondo first joined this Department as a Clerk Grade V in the then Survey, Land and Mines Department on 1st March 1947. He worked deligently while carrying out general clerical duties at the Survey Training School as a result of which he was later promoted to the post of Superintendent/Clerk Grade III in September 1949. In 1952 he sat and passed to Uganda Government promotion examinations which opened his way to promotion to Clerk Grade II on 1st April 1953. His work was always characterised by a high degree of efficiency and ability.

On 1st August 1954 he was promoted to the post of Executive Class Grade B which qualified him to become Chief Clerk of the Survey Training School. When Mailo work in the Department was decentralized he was posted to Mukono Office on promotion as an Office Assistant on 1st July 1956. He was thus involved in the opening of the new Land Office at Mukono. He was later transferred to Mityana Mailo Office.

Because of the great promise he showed he was nominated to join a special course in Land Registration at Headquarters during 1959 to 1960. He studied hard and passed the Land Registration Examinations with distinction at the end of the course. This earned him yet another deserving promotion to the post of Mailo Registry Assistant on 1st August 1961. In that post, he performed his duties with a high degree of devotion and efficiency as a result of wich he was promoted to the post of Senior Land Registry Assistant on 1st January, 1963. He continued to progress rapidly in the Public Service mainly due

to his exceptional qualities as a public officer and was promoted yet again on 1st April 1965 to the post of Principal Assistant Registrar of Titles.

Because of his resourcefulness Mr. Mulondo was offered a Commonwealth Scholarship sponsored by Australia Government in 1967 to undertake a six months study tour of New South Wales and Victoria States of Australia to enable him see how the Torrens system of Land Registration works where it was born.

As principal Assistant Registrar of Titles he was stationed at Headquarters in Kampala where his wealth of experience and methodial approach to Land Registry duties made him a major pillar in Office of Titles. On many occasions he was called upon to act Deputy Chief Registrar of Titles.

After his continuous sterling service to Uganda Government Mr. Mulondo retired in 1974. This is what the Permanent Secretary had to say about his service on retirement:

> "During your 27 years of service in Uganda Government service, you have displayed a high degree of natural ability, diligency and above all excellency in the performance of your valid duties."

I fully endorse that.

Because of his knowledge and experience in land matters he was appointed Chairman of Mubende District Land Committee in 1975 — duties of which he performed well and shrewdly.

After Liberation in 1979, he was appointed Chairman of the prestigious Uganda Land Commission. In that capacity, he earned respect of everybody who worked with him for sound and clear judgement. After the 1980 general elections he was again appointed a member of Uganda Land Commission a post which he still holds.

All in all I would say Mr. Mulondo has been an outstanding, honest and meticulous public worker whose advice is always valuable and balanced.

Paul Bakashabaruhanga BSc(Lond), CLS (EA), FISU, FRCS COMMISSION OF LANDS & SURVEYS.

(APPENDIX 'C')

COPY

c/o Ministry of Land &
National Resources
Uganda Land Comm.
P.O. Box 7096
Kampala.

10 March, 1982.

His Excellency the Vice President
and Honourable Minister of Defence
Republic of Uganda
Kampala.

Dear Sir,

REPORT

I beg to refer to my recent meeting with your Excellency and as a follow up I have the honour to furnish you with a report on the matter:-

I am B.K.L. Mulondo, Citizen of Uganda by birth and I am aged 57 years. I have a family with children, dependants and grandchildren all of whom live with me.

I am a member of the Uganda Land Commission having been its previous Chairman and I am a retired Civil Servant having served the government for 27 years before retirement in 1974 when I could not continue to serve under the Amin Regime.

I have a personal residence 10 miles before Mityana along the Kampala/Mityana Road at Kyankowe and my home borders a boarding primaty school for which I am Head-parent.

On Friday 26th February, 1982 at about 9.30 a.m., I was at my above home at Kyankowe when a large number of soldiers of the Uganda Army on foot walking towards the main road swarmed the compound.

I was surprised and alarmed by this occurance. I therefore stepped out of the house and watched from a safer distance the on-going development. The soldiers, armed, let themselves into the house. By this time all the members of the family had scattered in various directions, but I was able to continue my observations. Upon entry, and quite unprovoked soldiers relieved the house of the household property and loaded it on the Uganda Army Trucks and drove it off in the general direction of Mityana and presumably to Mubende. Among the items taken was a Shot-gun D/B N. 4549 which was licensed and which I have kept since 1959.

The men then advanced on my diary-farm and drove off an unknown number of heads of cattle. They went off with my lottary Reg. No. UYS 844 a "Ford Thames" and my Mercedes Benz of 190 Re. No. UUU 925 which I gether was thrown down a nearby cliff after failing to ignite.

All the neighbouring houses were treated in similar fashion and with equal severity.

Then my house, and the boarding mixed primary school which is just behind my home were taken by the soldiers and were converted into a Military base. The children have been evacuated therefrom. I do not know by whom or to where. My present circumstances are that I am totally without any property, homeless and with no idea where or how my family is. I find this a very agonising situation and I desire only to have it rectified.

I have always considered myself a good friend and humble servant of this and all post-liberation governments.

During the Amin Regime I was imprisoned without charge because I could not continue to serve in his government and elected retirement. Then in the wake of the liberation way my eldest son who was aged 23 years was gunned to death in my home by the Amin soldiers. I jubilated when liberation came to us all and as a token of my appreciation I housed free of rent-charge the Mityana Post Office for one year in my commercial building at Mityana and during this time I, almost single handed, rehabilitated the Post Office building which had been demolished by the liberation war. I have never committed any criminal offence in my life.

In addition I participate in the public life of my local community by serving on various charitable, religious and progressive boards and

bodies in the area. In that capacity I have served on the management committee of several primary and secondary schools. I have also been voted to the directorship of our local Cooperative Union, and I am the Treasurer of Kyankowe Growers, Cooperative Society.

I end by imploring you to render me any kind of assistance that your ministry may be in a position to give.

Yours faithfully,

SIGNED: B.K.L. Mulondo

cc:
The Honourable Minister
of Mineral and Natural Resources.
Kampala.

The A.D.C.
Mityana
Sub-District.

SCHEDULE

I have appended a list of some of the items which I remember to have been in the house at the time of the incidence.

1. Cash in an unknown sum of money most of which belonged to our local Cooperative Society for coffee buying and for which I am the Treasurer.

2. Medicines supplied by the Mityana C/U Diocese for treatment of the school children and residents of the surrounding houses.

3. many Certificates of Land Titles for myself and for other people for whom I was guardian/executor or custodian.

4 All furniture comprising of beds numbering about 20 together with beddings, 3 sofa sets, 2 dining sets, coffee sets.

5. 4 fur carpets and 4 rugs, 2 plastic carpets.

6. Several pieces of curtains and rods.

7. All family clothes and their wardrobes, suitcases and shoes.

8. Cookery and cutlery.

9. Family treasures in form of ornaments.

10. Cameras and movies projector and slides projector.

11. In all my lifetime's earnings investments/savings and treasures were demolished in one day.

12. My Passport issued to me by the Uganda Government. (I cannot remember its number).

13. Extensive Home Library.

14. Land Survey Equipment

15. Money safe for Kyankowe Cooperative Society Ltd. etc etc.



Omulangira Mulondo yazaalibwa 12.3.1926 Yasomera Kyankowe, Mityana ne Aggrey-Memorial School. Yakolera mu Kitongole kye by'ettaka okuva 1947-1974 era yaliko chairman wa Uganda Land Commission 1979-1980.